

GRAMMATIKA ENTONO EY'OLUGANDA

**OMULU AMAGEZI AG'OKUTEGERA OLUGANDA
BWE LUGENDA
ERA NE BWE LUSANIDDE OKUWANDIKIBWA**

**Eno ye y'okusatu
Bengeddemu amagezi ag'okuwandika ebaluwa**

Sapiebam ut parvulus, loquebar
ut parvulus. (Paulo M.).



Seminario ey'Ekika ekitukuvu

Bukalasa

1911



White Fathers' Printing Press

GRAMMATIKA ENTONO EY'OLUGANDA

**OMULI AMAGEZI AG'OKUTEGERA OLUGANDA
BWE LUGENDA
ERA NE BWE LUSANIDDE OKUWANDIKIBWA**

**Eno ye y'okusatu
Bongeddemu amagezi ag'okuwandika ebaluwa**

Sapiebam ut parvulus; loquebar
ut parvulus. (M. Paulo).



Seminario ey'Ekika ekitakatifu

Bukalasa

1911.

ENYANJULA

Mu Grammatika eno entono, tibagenderedde kuyigiriza Baganda luganda, anti balumanyi. Omwana w'Abaganda bw'agenda okusumukako, ng'oluganda yalusimba dda obutaluwubirwa na kamu, wabula ng'ebigambo byokka by'atannamalayo byonna, kubanga ebiligambo sibiggwa.

Kale nno akatabo kano ka ki?

Kagasa bibiri, ate 'byombi bya muwendo ennakuzonna:

1º/ Okwetegereza olulimi nga bwe lugenda, era ne bwe lukwogezza. Ogwo mulimo mulungi nyó, éra mpodzi muvvamu n'omugaso ogusinga obunene. Atebúzanga ku ekkyo, amanya gayogera; naye kubanga tamanyidde kugeranya bigambo na mbozi, tiyeyongera mu magezi. Amayi ensonga ezimwogeza, oyo y'amayi okulowiza. Mu nsi zonna', kye bawwa bayigiriza abána Grammatika.

2º/ Eky'okubiri ekituwandisidza akatabo kano, kwe kutegeza Omuganda omulimo ogukolebwa buli kigambo mu mbozi, balyoke basinzire ku ekkyo okuyiga ennimi ez'ekizungu, kubanga zonna zigatta enjigiriza emu.

Kale nno, awulidde ebyo, anategera engeri gye tulese mu kukuba grammatika eno. Ye yino:

Buli ekimanyiddwa enyo Omuganda, ate nga tikyetagibwa nyó okwetegereza mu magezi, tukibúse. Era tulese n'ebigambo ebitono enyo eby'oluzungu, ebitalekeka byokka, ng'oli abadde ayagala okuyiga olulimi olulala newakubadde olungereza.


Twagoberera kimu kyokka, kwe kuvivunulira omuyiga omulimo gw'ebigambo, kubanga ekkyo kye ky'omuwendo ogutenkanika.

Omulimo ogw'okubiri gwe twassako enyo omwoyo, gwe gw'okugolola empandika.

Lero Abaganda bona basoma ebitabo, bawandika n'ebaluwa; naye okubulako omuyigiriza atavwawo, kye bawwa bamala gasoma, ate bamala gawandika; naye mu bangi, ensoma éra n'em-pandika yabwe, ya kutebereza butebereza.

Grammatika eno, ye emu n'ez'edda ze twakubako; naye eno ekigyawula ku ziri, kiri kimu: kuba eno ya bigezo byerere. Mu eno tibakuyigiriza kantu na kamu k'otonnaba kumala kulaba na māso go mu kigezo. Engeri eyo twagitegera dda nga y'esobola okutūza n'okutangira omwoyo gw'omuntu. Ekigezo kiri ng'e:ifananyi ky'okebera n'essanyu, n'omenya buli ky'olabyemu, ate mw'oggya ebirowozo ebiwoma.

Era n'akatabo kafe kano, anakassako bw'atyo omwoyo, anakawomerwa, era ng'ayanguya na mangu oluzungu nga takalubirirwa ny.



GRAMMATIKA ENTONO EY'OLUGANDA



Grammatika ge magezi ag'okwogera
n'ag'okuwandika olulimi:

WETEGEREZE: 1/ Wano mpandise *ekigambo*. Kale mukitekeko eriso n'okutu, era nga mwawulamu buli kagambo kinna kamu. Awo bye munalabamu bye bino :

A./ Munalabamu **obugambo** obwawuddwa mu mpandika era ne mu njogera : so bwe bugattibwa awamu, bwe buzala **embozi** ey'amagezi, ebirowozo byange eby'omunda kwe kumanyika.

B./ Eky'okubiri: Mu buli kagambo mwawulamu **obutundu** obwatulwa omulundi ogumu, era ng'akamwa bwe kagenda katusa empola: lero nga tikasobola kwanguyiriza, na kwogera mulundi gumu kagambo kalamba.

C./ Ekirala : Mu buli kagambo mumenyamu **enukuta**; zonna mwazikwata dda amannya.

Era mu nukuta ezo mumanyidde okwawulamu engeri bbiri: endala zirina eddobozi, newakubadde nga ziri zokka, kale muwulire: **a, e, i, o, u.** Endala bwe ziba zokka, tiziba na ddobozi, ziba **nsirifu**. Era bwe baziyita. Kale mugezeko okwogera **b, ne 1;** nga bwerekere, eddobozi liremera mu kamwa. Naye kasita muzigatta na ziri, awo ne zôgera. Awo nno ziri kye zivwa ziyyitibwa **emperezi**, kubanga ze ziwerera ensirifu eddobozi lyazo.

D./ Kale, akagambo akâtulwa n'eddobozi erimu, kubanga kalimu emperezi n'ensirifu, bakayita **kugulu**.

Ekikatuyisa bwe tutyo: kuba bwe twogera ekigambo, kibera ng'ekirina amagulu kwe kitambulira.

So amagulu tigenkanankana mu bigambo byonna. Ekirala kinyerera ku kugulu kumu, ekirala ku abiri, ekirala ku asatu, oba ku mangi agasingawo.

MULABIRE KU BINO :

Nze; nti; fe; gwe; mwe; mu.

Me-za; ko-la; ki-ntu; ki-mu.

Ki-ta-bo; ki-bi-ra; mu-pi-ra.

Lu-pa-pula; ka-mu-ku-ku-lu.

MWEKKANYE: Olusi okugulu kulimu enukuta bbiri zokka, olusi kubamu ssatu, awo ensirifu ze zibamu ebbiri.

II

Omuntu omutegevu enyo, tabako ky'akwata mu kamwa nga takyetegeredza makulu gakyo: kwe kwe-yongera amagezi.

Abantu abategevu tibabako kye bakwata mu kamwa nga tibakyetegeredza makulu gakyo; kwe kwe-yongera amagezi.

WETEGEREZE: Bwe mugeranya ebigambo ebyo byombi, kye mulabamu kye kino. Okukyusa embozi esose mu mbozi ey'oku-biri, obugambo obumu babufûsidza, naye obulala babulese nga bwe bubadde. Obutafûseko bwe businga obutono, bwe bunno: *nyo, kwe, mu...*

Obufûse bwe bungi, anti bwe bulala bwonna.

Kale, ku buli obufûse, mulaba nga bakyusidzako ensokerwa yokka.

MWEKKANYE: **Omuntu** afûse **abantu**; **tabako** afûse **tibabako**, era n'ebirala bwe bityo.

Awo nno ekitundu ekitakyuka, ekitavirawo ddala, kye bayita **e-kikolo**; era bwe kiba, kubanga kiremerawo ddala nga baggyeko ekirala. Akatundu akasokerwako, akakulembera n'ekikolo mu kigambo, bakayita **nsokerwa**.

OKUGEZA: Mu bigambo biri: **muntu, tabako, kamwa, makulu, kweyongera, ekitakyuka kikino;** **ntu, -bako, -mwa, -kulu, -yongera**, awo ebyo bye bikolo. Ekitundu ekifûse ye: **mu, ta, ka, ma, kwe**, awo obwo ye nsokerwa.

WETEGEREZE: Era newakubadde ng'ensokerwa y'efûka, era olusi n'ekikomererayo, kye bayita enfundikirwa, nakyo kifûka.

Kale: **akwata**, nga k'kyuka olusi ne waddawo **akwa-se**; **ategera**, nga kifûka: **atege-dde**; **yeyongera**, nga kifûka: **yeyonge-dde**. Ekyo kirabika buli jjo mu bigambo ebitegeza enkola ob'embera. Naye era kasita ng'ekikolo kisigaddewo.

WETEGEREZE: Olusi ensokerwa y'akagambo bagikubirako enukuta emu gye baggye mu ziri eziyitibwa emperezi, enukuta eyo n'e-yanjula akagambo konna nga we kenkana. Labira ku bino:

O-muntu, O-mutegevu; era na wano: **e-nsokerwako, a-kagambo, e-mperezi**.

Kale enukuta eyo eyitibwa **emperezi esoka**.

So emperezi zonna tizitekebwa ku mulimo ogw'okwanjula obugambo, wabula essatu zokka: **a, e, o**.

Ate Omuganda bw'asanga si bw'ayogera. Enukuta eyo agissa ku bigambo ebigisanira; ate ku bitagisanidde agiggyako, era ng'enjogera bw'emulagira.

EKITUNDU EKY'OLUBERYEBERYE

ESSOMO I

I. — ERINNYA

Karoli — Engo — Meza

WETEGEREZE: Fenna tulina **erinnya** (*Karoli, Petero*). Ebisolo nabyo birina **erinnya** (*Engo, empologoma, embwa*). Era n'ebitali biramu nabyo birina erinnya (*Meza, kitabo*).

Awo **erinnya**, kye kigambo **ekitegeza abantu n'ebisolo, n'ebintu.**

Chwa — Katonga

WETEGEREZE: Erinnya erya **Chwa ligwanidde omuntu omu yekka**; n'erya Katonga nalyo **ligwanidde omugga gumu gwokka**, gwe gwe Buganga.

Awo nno amannya ago ge **mannya ge nyini**.

WEKKANYE: Mu mannya ago mulimu n'ag'amawanga, n'ag'abantu abeyawula mu mawanga.

OKUGEZA: Buganda, Baganda, Banyoro.

Erinnya erigwanidde ensi emu oba eggwanga erimu, nalyo liba linnya lye nyini.

Omusajja — Embwa

WETEGEREZE: Erinnya lya **Chwa ligwanidde omu yekka**; naye **ery'omusajja lisaniidde** abasajja **bonna**; n'erye mbwa, nalyo lisaniidde **embwa zonna**.

Awo amannya ago gayitibwa **mannya ga ngeri**, kubanga gasanira byonna eby'engeri emu; ate si bwe gayita omuntu oba ekisolo nga bâwulamu.

Okugatta: *Erinnya lye nyini ligwanidde omuntu omu oba ekintu kimu.*

Erinnya ery'engeri lyo ligwanidde abantu bona, oba ebintu byonna eby'engeri emu.

WEKKANYE: Erinnya lye nyini, mu mpandika balitegeza nga baliwandika **n'enukuta ennene** erisokako, newakubadde ng'erinnya eryo libadde mu mbozi wakati.

So mu mannya ag'engeri, enukuta egasokako eba ntono, tibagawandikako nukuta nnene, wabula ng'ebadde ekulembera embozi.

II. EMIWENDO

Ekitabo — ebitabo; omuntu — abantu.

WETEGEREZE: *Erinnya lino: kitabo, liraga kimu, lyogera*

ku kimu, awo nno liba **lya bumu**. Era ne lya **muntu**, nalyo bwe liri.

Naye erinnya ery'okubiri: **bitabo**, litegeza bingi, ligenderera kwogera ku bingi: kye livwa liyitibwa **ery'obungi**. Era n'erya **bantu** bwe liri.

Bwe kityo emiwendo gy'amannya gye gayinza okutekebwamu giri ebiri: **obumu, n'obungi**.

WEKKANYE: Bw'oyogera ku kibina, awo newakubadde n'og-mwoyo gwo gulowoza bangi, era erinnya ly'oyita ekibina ekyo lidda mu muwendo ogw'obumu, olusi baliyita lya bingi ebigatte.

Okugeza: Ggye, ggana, enkumu ey'ebintu.

EMBU EZ'AMANNA

WETEGEREZE: Mu luganda, okuggya erinnya mu bumu okulidza mu bungi, bakola bwe bati: era bwe tuwandise wangulu:

Eki-ta-bo, ebi-ta-bo, mu-ntu, ba-ntu.

Kadzi amannya ago gafûse gatyâ? Kale soka oyawulemu ekiko-lo: **-tabo, -ntu**; kakano kebera okugulu okusokerwako. Awo onolaba nga kwe kufûse kwokka. Bwe kityo, amannya gonna bwe genkana geyawulamu **embu mwenda**, buli linnya nga lirina olu-bu lwaloy mwe liyingira.

Kale, okugulu okusokerwako kwe kutegeza buli lubu, kwe kubera **n'akabonero** kalwo. Akabonero ako ke kafûka, ng'erinnya libadde lyagala okuvwa mu bumu okudda mu bungi.

Embu ekkumi zizino :

I — olwa	Mu, Ba	Mu-ntu, ba-ntu
II — olwa	Mu, Mi	Mu-ti, mi-ti
III — olwa	N, N	N-te, n-te
IV — olwa	Ki, Bi	Ki-toke, bi-toke
V — olwa	Ka, Bu	Ka-bonero, bu-bonorô
VI — olwa	Li, Ma	Li-so, ma-so
VII — olwa	Lu, Na	Lu-sozi, n-sozi
VIII — olwa	Ku, Ma	Ku-tu, ma-tu
IX — olwa	Bu	Olwo lubamu ensi n'empisa: Buganda, bwetowaze.

X — olw'ebifo: **Ku, wa, e, ku**, Wa-no, mu-no, e-ri, ku-mpi.

Embu ezikomererayo zombi, tizirina kabonero ka bungi.

WEKKANYE bibiri:

1./ Bw'obûsabûsako nga totegedde bulungi kikolo kya linnya bwe

kiri, ekikolo ekyo okitegera mangu n'obutawubwa, ng'odza erinnya eryo mu lubu olwa *Ka - Bu*.

OKUGEZA : Ekikolo kiri wa mu « *ndiga* » ? Naye bw'odza erinnya eryo mu lubu lwa *Ka - Bu*, otegêra ng'ekikoro ye *liga*, kubanga bagamba bwe batî : *kaliga*.

2. Lero nno **ka** (*liga*) kafûse katya **n** (*diga*) mu lubu olwa **N** ? Anti **l** y'efûse **d**.

Ekyo bakileta okwanguya ebigambo, kubanga **nliga** kyandikalubyé nyo mu lulimi. Awo nno enukuta ezitayogerekeka bwe zisisinkana, bazikyusa ne bazifûla enyangu.

Amagezi ago agakyusa enukuta okuzifûla enyangu, bagayita **Buwewevu**. Amateka g'obuwewevu mangi mu luganda. Kale, okukoma ku limu lyokka, oluganda tirwagalira ddala mperezi bbi-ri kulirana mu mbozi. Ekigambo :

Mu-aná, kwe kufûka : **mwâna**; **ba-aná**, ne kifûka : **bâna**, era ne kiwandikibwa bwe kityo.

OKUTEGEZA : **W** ne **y** nga ze nukuta ez'engeri endala, tiziriko gye zigwa ; anti tiziyingira mu mperezi, era ne mu nsirifu tizigwayo; naye omulimo gwazo ogusinga, kwe kwawula emperezi ebbiri ezibadde zigenda okulirana mu kigambo.

Akabonero kano : (â, ô, ê,) ategeza nga bagasse emperezi bbiri ne bazifûla emu.

III. — ERINNYA BWE LISIBWAKO LINNYA LINNALYO OKUFUNZA AMAKULU

Mwâna wa Kabaka. — Nte za mwami.

WETEGEREZE : Mu bigambo bye musomye wano, **Kabaka** lite-kebwa ku linnya **Mwâna**, okutusa amakulu galyo n'okugakomera.

Bw'obûza nti **Mwâna**, naye mwâna **ki** ? mwâna **wa ani** ? Oddamu, nti **wa Kabaka**. Awo ekigambo “mwâna,, ne kitukirira bulungi, amakulu gakyo ne gakomekkerezebwa, anti nga gafunziddwa.

Era ne kigambo eky'okubiri : *nte za mwami*, nakyo bwe kinnyonnyolwa.

Awo nno erinnya bwe lisibwa ku linnya eddala okukomera amakulu galyo, liyitibwa : **Complemento** yalyo.

Complemento kivvunulwa kiti : Ekigambo ekitusa amakulu (g'ekirala).

WETEGEREZE : **Etteka lya Complemento ey'erinnya.** Mu bigambo bino bye tusomye engulu : *Mwana wa kabaka, nte za*

mwami, buli complemento cy'erinnya esibibwa nalyo na kabonero. Akabonero aka kwe kuyitibwa **akasibi**. Awo obubonero obusibi bwawulwamu engeri munana; era ng'embu ez'amannya we zenkana, ng'oyawuddeko olw'ebifo. Bwe kityo buli lubu olw'amannya luliko obubonero obusibi bubiri, akamu ka bumu, akalala ka bungi. Era n'okubutegera nakwo si kuzibu, kubanga obusinga obungi bufanana ng'obubonero buli obw'embu :

OKUTEGEZA :		Bumu	Bungi
Olubu 1.	Wa ba	Mwâna wa kabaka.	Bâna ba kabaka.
» 2.	Gwa gya	Muti gwa kibira.	Miti gya kibira.
» 3.	Ya za	Nte ya mwami.	Nte za mwami.
» 4.	Kya bya	Kitabo kya sala.	Bitabo bya sala.
» 5.	Ka bwa	Kabonero ka nema.	Bubonero bwa nema.
» 6.	Lya ga	Liso lya nte.	Maso ga nte.
» 7.	Iwa za	Lunaku lwa kusiba.	Nnaku za kusiba.
» 8.	Kwa ga	Kulima kwa mukazi.	Maserengeta.
» 9.	Bu	Obwetowaze bwa Y.K.	
» 10.	Ekifo	Wano wa gundi.	Muno mwa gundi.

ESSOMO II

ADJECTIVO (*Nakongerwako*)

**Omwâna omulungi. — Ente enzirugavu.
Ebintu biri.**

WETEGEREZE: Mu kigambo kiri: *Mwdna wa kabaka*, erinnya lya *kabaka* lye libadde litusa amakulu ga *mwâna*, era lye ligakomera. Naye ebigambo bye tuwandise wano bino: **mulungi, nzirugavu, biri**, byo bigambo biralala; si mannya nga gali, so nabyo bitusa amakulu g'amannya gali agasose: *mwâna*, ne *nte*, ne *bintu*.

Kale nno, buli kigambo ekitali liunya, naye ekyongerwa obwongerwa ku linnya okutusa amakulu galyo, bakiyita: **Adjectivo**, kivvunulwa kiti: Ekyongerwako, oba Nakongerwako.

WEKKANYE: Olusi erinnya eddamba liyinza okwongerwa ku linnya eddala okutusa amakulu galyo. Kale bw'ogamba, nti *Omusalja omukomazi, mukomazi* nalyo liba linnya ddamba, si adjectivo; so wano lirina omulimo gw'adjectivo enjerere, kubanga litusa amakulu ga *musajja*. Awo bwe linnyonnyolwa nga balisanze mu mbozi.

ETTEKA: 1/ Emirundi gyonna, buli linnya liyinza okwongerwako adjectivo. 2/ Ate kwe bategerera amangu ng'ekigambo kiri adjectivo, kwe kulaba nga bayinza okukyongera ku linnya ery'omuntu oba ery'ekintu. Awo nno, **mulungi**, **muwanvu**, **muddugavu**, **mumpi**, ebyo biyitibwa adjectivo, kubanga cyinza okubyongera ku mannya ag'abantu, oba ag'ebintu, oba ag'ebisolo.

A. — II. — ENGERI ZA ADJECTIVO

a/ Adjectivo ey'obutya.

Omwâna omulungi. — Omwâna ono.

WETEGEREZE: Ekigambo: **mulungi**, kilegeza **empisa**, anti bwe **butya** bw'omwâna. Ekigambo: **Ono**, sikitgeza mwâna bw'ali, wabula *okumulaga obulazi* n'okukomera amakulu ge.

Awo kwe kwawula mu adjectivo engeri ebbiri: **Adjectivo ey'obutya, ne adjectivo enkomezi.**

Ka tusoke tunnyonnyole engeri embryeberye.

1/. Adjectivo bw'oba ng'cyâala okugyongera ku linnya, wo tossa kabonero kasibi ku linnya, wabula *okukwanya adjectivo n'erinnya ly'ogyongerako*, mu lubu ne mu muwendo.

Kwe kugamba nti **Elinnya lye liyingiza adjectivo mu lubu era ne mu muwendo mwe liba**. Elinnya bwe liba nga lya mu lubu lwa Mu-Ba, era na adjectivo mw'adda; erinnya bwe liba mu bungi, era ne adjectivo mwe bagidza.

OKUGEZA: Ku linnya lino *Muntu*, njagala okwongerako adjectivo: *mulungi*. Awo ngamba nti *Omuntu omulungi*, kubanga omuntu ali mu lubu lwa Mu-Ba. Naye ekigambo ekyo «*muntu*» bwe njagala okukidza mu bungi, awo adjectivo *mulungi* nayo egoberera ekigambo ekyo, n'esfûka eti: *Abantu abalungi*.

2/. Naye amannya bwe gaba **amangi**, ate nga ga **bantu**, so nga adjectivo eri emu yokka, amannya gali bagakwanya batya ne adjectivo eyo? Bagakwanyako nga bateka ku adjectivo **akabonero ak'obungi**, mu lubu olwa Mu-Ba.

OKUGEZA: *Petro ne Marko, ne Musa balungi.*

3/. Ate amannya bwe gaba nga ga **mbu nydingi**, ate nga gategeza ensolo, awo adjectivo bagiwandika batya?

Amannya bwe gaba ag'embu enyingi, ate nga gategeza ensolo, awo adjectivo bagiwandika nga basirisa ensolo, bwe bat:

Empologoma n'engo, n'omusota, n'akayayu, zonna (nsolo) mbi.

4/. Amannya ag'embu enyingi bwe gaba nga gategeza ebintu, okugakwanya ne adjectivo, bakola batya?

Amannya **a g'embu enyingi** bwe gaba nga gategeza ebintu, awo batekawo *akabonero Bi*, nga mu bigambo bino:

Olukoba, n'akambe, n'enkuifira, birungi. (*Wano basirisa : bint u.*)

b/. Amadâla ag'amakulu mu adjectivo ey'obutya.

Ennyama y'endiga nnungi.

Ennyama y'ente nnungi okusinga ey'endiga.

Ennyama y'ente nnungi okusinga ennyama yonna.

WETEGEREZE: Mu bigambo ebyo, omubiri gw'adjectivo tigukyuse, naye amakulu gayo ge gafûse, kubanga bôngeddeko ebigambo ebirala ebifûdefûdde amakulu gayo.

Bwe kityo adjectivo eyinza okuwebwa amakulu asatu. Amakulu ago galinga amadâla agagenda gawanika amakulu ga adjectivo : era ku ekyo kwe kuvwa erinnya eryo ery' amadâla g'amakulu.

WEKKANYE: « *Ennyama y'endiga nnungi.* » Wano otegeza **butya bwerere**, nga togeranyidza ku kirala, awo adjectivo eba **njerere**; ey'engeri enjerere gye bayita adjectivo.

2/. « *Ennyama y'ente nnungi okusinga ey'endiga.* » Wano oge-ranya ku kirala, kwe kwongera ku adjectivo eri ekigambo *kusinga*. Awo engeri eno eyitibwa **ey'obutya obugeranye**.

3/. « *Ennyama y'ente nnungi okusinga ennyama yonna.* » Wano ennyama y'ente togisinza nnyama ndala emu yokka, naye ogisinziza ddala endala yonna; kwe kwongera ku adjectivo ekigambo *kusinga yonna*. Awo n'eyitibwa **ey'obutya obutasingika**.

Ekyongeddwako: Olusi mu madâla ag'amakulu bayingizamu **n'obutya obw'okwenkana**. Awo bageranya ebintu ebibiri, so nga tibagenderera kusinzako kimu, wabula okwenkanya ebyenkanye.

A. — III. COMPLEMENTO EYA ADJECTIVO EY'OBUTYA

Omwana omutefu mu banne.

WETEGEREZE: Mu bigambo bino: *Omwana — omutefu — mu banne*, omwana lye linnya; *omutefu*, ye adjectivo. Naye omulimo ogw'akagambo « *mu banne* » akakomererayo, mulimo ki? Akagambo ako katusa amakulu aga adjectivo.

Awo nno akagambo ako kye banavwa bakayita: **Complemento ya adjectivo. Okugatta:** Complemento ya adjectivo, kye *kigambo ekiyongerwa ku adjectivo okutusa amakulu gayo*.

A. — IV. — ADJECTIVO ENKOMEZI

Omwâna omu; omwâna ow'okubiri; omwâna we; omwâna ono; omwâna ki? Abâna bona.

Ebigambo byonna bye tugezedza, byongeddwa ku mannya okutusa amakulu gago: awo nabyo biyitibwa adjectivo. So si za ngeri, si za butya; kale zinaba za ki?

Omulimo gwazo, kwe kufunza oba **okukomera amakulu** g'erinnya ku kimu. Kale muzekkanye:

a/. « **Omú**, ne **w'okubiri**, » bitegeza muwendo: omuwendo gwe gubadde gufunze ku omu yekka. Mu bâna ababiri oyawuddemu omu, ye w'okubiri; awo kw'okomye.

b/. « **We**, » kitegeza obwananyini; awo kifunzidza amakulu ga « mwâna ku kimu, anti omwâna w'oli yekka.

c/. « **Ono**, » kiraga bulazi; olaga ono yekka mu bangi; ku ono kw'okomye.

d/. « **Ki?** » kiretebwa kubûza; anti mu kubûza « mwâna ki? » oyagala basunze amakulu ga mwâna, olyoke otegere bw'abadde, oba gy'avudde, n'ebirala.

e/. « **Bonna** » kiba kya mu bbanga, sikelera na kutegeza nyo, so nakyo kikomera.

Kale nno mu magezi aga adjectivo ezo, ag'okufunza amakulu ag'amannya, era mwe baggya n'erinnya lyazo erya **Adjectivo Enkomezi**.

Awo adjectivo enkomezi kye ki? Adjectivo enkomezi, kye kigambo, ekyongerwa ku linnya okukomera amakulu galyo.

§ I. — Adjectivo ey'omuwendo.

Omwâna omu, omwâna omuberyeberyé, woluberyeberyé.

WETEGEREZE: Adjectivo zonna ze tuwandise n'enukuta ennene ziba za muwendo. Naye zonna tizigatta ngeri emu na makulu gamu.

Adjectivo « omu » **ebala** bubazi, etubulira bubulizi omuwendo. Endala zombi tizitutegeza muwendo, oba kifo, naye **zitereza** butereza.

Awo adjectivo ez'omuwendo, kwe kuzawulamu engeri ebbiri: **adjectivo embazi, ne adjectivo ey'olubu**.

§ II. — Adjectivo embazi.

WETEGEREZE: Bagamba bwe bati : *Ekitabo kimu, abantu babiri, basatu, emití ena, obwambe butano, abantu mukaga.*

Awo we wavwa etteka lino:

1o/. — Erinnya lyekwanya ne adjetivo ey'okubala n'akabonero ak'olubu, okutuka ku muwendo mukaga. Okuvwa ku mukaga, bamala gawandika adjetivo, ne batagissako kabonero ka lubu.

2o/. — Ate emiwendo egisoba mu kkumi, ekigigatta, ke kabonero akayunzi **na**. *Okugeza, Abantu kkumi na babiri.*

3o/. — Ate emiwendo emisusuba, akagambo akayunzi **mu**, ke kagigatta ku miwendo emitusu.

Okugeza: Abantu lukumi mu bitano mu asatu mu batano.

Ekyewaggula: Mu lubu olwa Mu-Mi, bagamba: Omuti gumu.

4o/. — Olusi emperezi esoka etekebwa ku adjetivo mu kifo ky'akabonero.

a/. Erinnya nga libadde mu lubu lwa Mu-Ba, mu bumu.

OKUGEZA: Omuntu omu.

b/. Oba mu lubu olwa Mu-Mi, mu bungi.

OKUGEZA: Emiti ena, emiwendo esatu, etano.

c/. Oba mu lubu lwa N mu bumu.

OKUGEZA: Ente emu.

d/. Oba mu lubu lwa Li-Ma mu bungi.

OKUGEZA: Amakulu atano, amagi abiri.

1/. WEKKANYE: Bagamba, *Omuntu omuberyeberyeye, omwana omuvwananyump.*

2/. Olusi emiwendo egypt'amakumi, n'egy'ebikumi, n'egy'enkumi, n'egy'obukumi, n'egy'obusirivu, gifuka amannya. Awo nago ne ga-sibwako obubonero obw'embu, ne gayanza okulamula amannya amatala n'okugaffula complemento.

OKWEKKANNYA: Edda twagamba tuti: mwana wa Kabaka, nte za mwami; era na wano tugamba: Olukumi lu'abantu, ekikumi, eky'ensimbi.

§ III. — Adjetivo ey'olubu.

Ekikwanya adjetivo ey'olubu ku linnya, ke kabonero akasibi, naye era emiwendo egypt'gissibwako akabonero Ku (okutuka ku 6.).

OKUGEZA: Omuntu ow'oluberyeberyeye, ow'okubiri, ow'okutano.

§ IV. — Adjetivo ey'obwananyini.

Mwana wange. Bana bafe. Akambe ko.

WETEGEREZE: Ebigamba. « Wange, bafe, ko, » ze adjetivo ez'obwananyini, kubanga zirina omulimo ogw'okutegeza nanyini kintu.

Ekikwanya adjetivo ey'obwananyini ku linnya, ke kabonero

akasibi aka buli lubu kinna lumu; naye kubanga akabonero sike-mala kokka, awo kwe kwongerako akagambo ke tunayita edda Omusigire w'erinnya. Kye tuvwa tuwandika tuti :

Muntu wange, bantu bafe, nte zabwe.

WEKKANYE: Waliwo amannya agategeza obwananyini newaku-badde nga gali gokka, ge gano :

Sebo,	<i>mubungi</i>	Basebo,	<i>Jjaja,</i>	bajjaja
Nyabo,	"	Banyabo,	<i>Mwanawattu</i>	banabattu
Baba,	"	Bababa.		

Era waliwo amannya amalala agafûka, ne gegatta wamu ne adjetivo ey'obwananyini, okufûka akagambo akamu.

OKUGEZA :	Kitange,	mange,	mwannyinaze.
	Kitawo,	nyoko,	bannyoko.

§ V: — Adjectivo endazi.

Nga bwe twagamba engulu, adjetivo endazi ye eraga obulazi omuntu, oba ebisolo, oba ebintu

Laba: *Omusajja ono, endiga eri, enkufira eyo.*

So nga bwe tulaba mu bigambo ebyo eby'ekigezo, adjetivo endazi zeyawulamu engeri ssatu.

Waliwo : **eziraga eby'okumpi**, waliwo **eziraga eby'ewala**, ate **n'eziraga ebyogeddwako**.

Ekisinde ky'adjectivo endazi nga bwe zekwanya n'amannya kikino :

1. Muntu	ono	oli	(wuyo) oyo
Bantu	bano	bali	abo
2. Muti	guno	guli	ogwo
Miti	gino	giri	egyo
3. Nte	eno	eri	eyo
Nte	zino	ziri	ezo
4. Kitabo	kino	kiri	ekyo
Bitabo	bino	biri	ebyo
5. Kabonero	kano	kali	ako
Bubonero	buno	buli	obwo
6. Liso	lino	liri	eryo
Maso	gano	gali	ago
7. Lugoye	luno	luli	olwo
Ngoye	zino	ziri	ezo
8. Kugulu	kuno	kuli	okwo
Magulu	gano	gali	ago
9. Mu	muno	muli	mwo
Wa	wano	wali	awo
E	eno	eri	eyo
Ku	kuno	kuli	okwo

§ VI. — Adjectivo ey'okubûza.

Adjectivo ey'okubûza bagyeyamba nga babûza, nga bayagala okubûza erinnya ly'ekintu, oba engeri yakyo, oba omuwendo.

Kale mugeze wano: **Kintu ki? kitabo kitya? abantu bameka?**

§ VII. — Adjectivo etetûsa.

Nga bwe twagambye engulu, adjectivo ey'obutatûsa eyongerwa ku linnya, so nga tetegeza nyo makulu galyo.

Labira ku zino: -ngi, -ntono, -lala, -kka.

OKUGEZA: **Bantu bangi, kintu kitono, kambe kalala, bâna bona, kitabo kyokka.**
Zekwanya n'erinnya mu lubu ne mu muwendo.

ESSOMO III

OMUSIGIRE W'ERINNYA, Pronomen (*Nakasigirwa*)

§ I. — Omusigire w'erinnya ategzebwa.

**Yezu-Kristu yayigiriza abantu, n'abalokola,
n'abafirira ku musalaba.**

WETEGEREZE: Mu bigambo, ebyo, erinnya lya Yezu liretebwa mu mbozi omulundi gumu gwokka; era n'erinnya ery'abantu na-lyo lirabika omulundi gumu gwokka.

So bagenderera kugamba nti « *Yezu-Kristu yayigiriza abantu, Y. K. n'alomola abantu, Y. K. n'afirira abantu.* »

Kale mu njögera bategeza batya ng'erinnya essirise ye nanyini mirin'o gye bagamba? Ekyo bakitegeza nga badza akagambo akalala mu kifo ky'erinnya erisirisiddwa. Awo akagambo ako aka-sigiddwa erinnya, kwe kukayita **Omusigire w'erinnya**, mu lulatini ye **Pronomen**. Anti *Nomen* kivvunulibwa kiti: Linnya. Pro-nomen kwe kugamba nti *mu kifo kya nomen*.

WEKKANYE: Mu bigambo biri, omusigire wa *Yezu ali luyi wa?* Yegasse n'ebigambo ebirala, anti ye *Ya ne A: Yayigiriza, n'Aba-gamba.*

Ate omusigire wa *bantu* ye aliwa? Ke kagambo *Ba*, akabulidde mu biri era omubulidde omusigire wa *Yezu*.

EKYEBUZIBWA: Naye ebisolo ebitali *bantu*, n'ebintu ebyerere, era nabyo birina omusigire? Yee, nabyo biba n'omusigire. Omu-

sigire oyo y'adda mu kifo kyabyo, byo nga bisirise, ye n'abijukiza, era n'akola mu mbozi omulimo ogwandikoleddwa erinnya lye nyini singa tibalisirisidza.

Laba mu bigambo bino: *Ekisolo bw'otokitte, kinakuluma. Ki, ekiddinganiddwa emirundi ebiri, ye musigire wa kisolo.*

§ II. — Mu Pronomen bawulamu engeri bibri .

1º. **Nkola. Muzahnya. Embwa efudde.**

2º. **Ekintu kino kya ani? Kyange. Omusajja alii wa? Wuli.**

WETEGEREZE: Ebigambo byonna bye tugezedza, biyitibwa Pronomen, kubanga byonna bisigiddwa amannya agasirisiddwa.

Naye bwe tugeranya ebigambo eby'olubu olusose n'ebigambo eby'olubu olw'okubiri, kye tutegera kikino :

Pronomen **N**, ne **Mu**, né **E**, zitutegeza *omulimo abantu gwe bakola mu mbozi*.

Ate Pronomen **Kyange**, ne **Wuli**, *tezitegeza bantu kye bakola mu mbozi*, naye zitekebwa mu kifo ky'erinnya, okutegeza obutegeza omuwendo, n'obwananyini, era n'ebirala. Awo kwe kwawula engeri ebbiri mu Pronomen.

1º. Pronomen etegeza omulimo omuntu gw'akola oba ekintu gwe kikola mu mbozi, eyitibwa musigire oba Pronomen y'abantu (oba **Pronomen Personale**).

WEKKANYE: Ekigambo muntu kye balese wano, amakulu gakyo tigakoma ku bantu bokka.

Nga wano: *Embwa, efudde, enkuba etonnya. Mu bigambo ebyo, Pronomen E, eyitibwa ya bantu. Awo embwa, n'enkuba, babifanà-niyiriza ng'abantu, kubanga nazo zirina omulimo gwe zikola mu mbozi, be bananyini nkola.*

2º. Pronomen etekebwa mu kifo ky'erinnya okutegeza ekintu ekirala ekitali mulimo, eyitibwa **pronomen adjectivo**.

OKUGEZA: *Ekintu kino kya ani? Kyange.*

Kyange ye Pronomen, kubanga asigiddwa kintu. Naye kubanga asinga kudda mu ngeri ya adjectivo, okutegeza *obwananyini*, ate kwe kuyitibwa Pronomen adjectivo.

§ III. — Pronomen ey'abantu Pronomen Personale).

Nsoma, Owandika, Azannya.

Tusoma, Muwandika, Bazannya.

WETEGEREZE: Mu bigambo bye tusomye wano, abantu bali basatu bokka.

Waliwo **Nze asoma**, waliwo **gwe awandika**, ate waliwo **n'oli azannya**.

Embozi ey'okubiri y'emu, wabula ng'edze mu bungi.

Anti: **Fe** abasoma, na **mwe** abawandika, na **bali** abazannya.

Era mu mbozi zonna nga we zenkana, omuwendo gw'abantu gukoma ku basatu. Mwekkannyne:

- 1/. Waliwo **omuntu ayogera**, ye (**Nze, fe**).
- 2/. Waliwo **gwe bogera naye**, ye (**Gwe, mwe**).
- 3/. Waliwo **ayogerwako**, ye (**Ye, bo**).

Kale nno abo okubatûma amannya mu Grammatika, bagamba bati.

- | | | | | | |
|------------------------|----------|--------------|--------------------|----------------------|--------------------|
| Ayogera | ayitibwa | muntu | oba Persona | omuberyeberye | (1 ^a). |
| Gwe bogera naye | » | » | » | ow'okubiri | (2 ^a). |
| Ayogerwako | » | » | » | ow'okusatu | (3 ^a). |

WETEGEREZE: Buli lubu lwa mannya lulimu abantu oba bapeersona abo? Yee, buli lubu lulimu omuntu oba persona, kubanga buli lubu lulimu amannya ga bantu abayinza okukola omulimo mu mbozi; naye buli lubu sirulimu bantu oba bapersona basatu basatu; kavuna nga waliwo atabulirawo ddala, ye w'okusatu ayogerwako.

Lubu ki olulimu abantu bona?

Olubu olulimu abantu bona; iwe lw'oluberyeberye, kuba mu lwo mwe muli ebintu ebigezi ebyerere ebyogera.

OKUGEZA: *Nkola, okola, tukola, mukola, bakola?*

Awo Persona zonsatule zibunye, kubanga ow'amagezi yekka ye ayinza okwogera, nti *Nkola*; ye yekka ye ayinza okugamba munne nti *Okola*; era n'okwogera ku oli nti *Akola*. Ebitali bya magezi tibiyinza kunyumya bwe bityo.

Kale bw'oleta ekigambo kino, nti Akambe kasala, awo embozi eyinza kutekebwamu Persona emu yokka, ye y'okusatu, anti ye eyogerwako; Persona endala ne zitabawo, kubanga akambe tikanumya, so tikogera na munne wako. Persona kwe kufunda ku emu yokka mu mbu ezitali za bantu be nyini.

A. — II. — Pronomen ey'abantu (pronomen **personale**)

ennamba, n'eyekitundu.

Nze njogera, mwe musirika. — Akambe kasala.

WETEGEREZE: Mubigambo bino, mulimu pronomen ttano: **Nze**, **N**, **Mwe**, **Mu**, **ka**.

Bwe tuzekkanya obulungi, tulaba nga tizifanana: endala zeyawu-

dde, ne ziba **nnamba**, endala ne zibulira mu kigambo ekirala nga zegatta nakyo, ne ziba nyimpi, oba **za kitundu**.

Ka tuzetegereze buli ngeri:

Ennamba

Lubu Iwa Mu Ba	Pers.	1 ^a	Nze	Fe
		2 ^a	Gwe	Mwe
		3 ^a	Ye	Bo
Lubu Iwa Mu Mi	prs 1a yokka		Gwo	Gyo
» » N			Yo	Zo
» » Ki Bi			Kyo	Byo
» » Ka Bu			Ko	Bwo
» » Li Ma			Lyo	Go
» » Lu N			Lwo	Zo
» » Ku Ma			Kwo	Go
» » Mu Wa, E,k.			Mwo, wo, Yo, Kwo	
» » Bu.			Bwo	

OKUGEZA: Nze ngudde, gwo gugudde (omuti), zo zikkuse, kyo kyononese, ko kawedde, go bagaguze, lwo lukaze, kwo kuvunise.

WETEGEREZE: Pronomen ez'omu lubu olwa Mu-Ba bwe ziso-kerwako obugambo buno: *Na, a, ewa, kulwa, zifuka* bwe ziti:

Pers.	1a	Nange,	Ewange,	-ange,	kulwange,
»		Nafe,	Ewafe,	-afe,	kulwafe
»	3a	Nawe,	Ewuwo,	-o,	kululwo
»	3a	Naye,	Ewuwe,	-e,	kululwe.

Ez'ebitundu

Nkulaba, Ndibabulira.

WETEGEREZE: Mu bigambo ebyo byombi, mulabikamu pronomen ey'abantu (pron. personale) nya; zonna ziyingira mu ngeri ey'okubiri, anti enyimpi, oba ez'ekitundu.

Ka tuzimenye: *N*, kwe kugamba *Nze*; *Ku*, kwe kugamba *Gwe*; *Ney'omulundi* omulala, era ne *Ba*, kwe kugamba *Mwe*, oba *Bo*.

Zonna tizirina kifananyi kimu, anti obutabera na mulimo gumu mu mbozi. Endala ebera **nyini nkola**, kyenkana nga y'etwala embozi; endala y'egwibwako, anti etukibwako, eringa ng'omu-fugibwa.

OKWEKKANYA: Mulabire ku kigambo ekisose: Nkulaba. Pronomen mulimu bbiri: *N,ne Ku*. N evvunulibwa eti: *Nze*; *Ku* evvunu-

libwa eti: Gwe. Akola omulimo ogw'okulaba mu mbozi ye ani? Ye nze, anti *N.*

Naye atukibwako omulimo ogw'okulaba ye ani? Ye Gwe, anti *Ku.*

Awo nno Pronomen ezo kwe kwawukanamu, na ddala mu lubu olwa Mu-Ba. Mu mbu endala, ekifananyi zitera kugatta kimu.

Ziményebwa bwe ziti :

<i>Pronomen nanyini nkola</i>				<i>Pronomen enfugibwa</i>		
Mu-Ba	Pers. 1a	N	Tu	N	Tu	
	» 2a	O	Mu	Ku	Ba	
	» 3a	A	Ba	Mu	Ba	
Mu-Mi.		Gu	gi			
N.		e	zi		gi	
Ki-Bi.		ki	bi			
Ka-Bu.		ka	bu			
Li-Ma.		li	ga			
Lu-N.		lu	zi			
Ku-Ma.		ku	ga			
Bu.		bu				
Mu, wa, e, ku.		mu,	wa, e, ku			

OKUGEZA: *Omuntu afudde, abantu bafudde, Tubabulidde, Ba tugambye, Omuti gugudde, emiti gigudde, ngutemye, ngitemye, Ekibi kisiriwaza, ebibi bisiriwaza. Ekibi nkikoze, mbikoze. Akambe katema, obwambe butemye, akambe nkasudde, olusuku lufudde, ensuku zifudde, ndukandudde, nzikandudde, era n'ebirala bwe bityo.*

Ob'oli awo, pronomen nga ziwandikibwa ssatu awamu. Awo etwala embozi y'esoka, endala ne zigiddirira.

OKUGEZA: *Rupia nzikuwadde.*

Nga bwe mulabye awo, bwe tuggyako olubu lwa Mu-Ba, enjawulo erabika mu lubu lwa N lwokka ate mu bumu; naye mu ndala zonna, ekifananyi kiba kimu. Awo pronomen nga zibadde zisisi-nkanye zombi mu kigambo ekimu, bazawulamu bati: Nanyini nkola y'ekulembera, enfugibwa n'e'ddako.

§ IV. — Pronomen adjectivo.

OKUJJUKIZA: Nga bwe twagambye, pronomen adjectivo tetegeza mulimo bantu gwe bakola mu mbozi, naye edda wabiri: eruyi ebera musigire mulambirira ow'erinnya, kubanga y'edda mu kifo kyalyo mu mbozi; eruyi edda mu adjectivo, kubanga ebako ekintu ky'etutegeza.

OKUGEZA: *Omusajja ali wa? Wuli. Ekintu kino ky'ani? Kyange. Wuli, ye musigire wa musajja ataddiddwamu lwakubiri mu*

mbozi; ate *amulaga* bulazi, era ogwo gwe mulimo gwe ogw'o-kubiri.

Kyange, ye musigire wa *kintu kye basirisidza*; ate etutegeza *nanyinikyo*, ye nze.

Kwe kutumibwa erinnya erya **Pronomen adjetivo**.

Kale nno bwe mugenda nga mugeranya adjetivo enkomezi ne pronomen enkomezi, awo mulaba nga zigenda zigobereragana. Awali adjetivo ey'omuwendo, era nga wabawo ne pronomen ey'omuwendo. Awali adjetivo embazi, era nga wabawo ne pronomen embazi, era n'endala bwe zityo, ekisinde okuggwa.

Naye adjetivo ne pronomen zawukanira ku ki?

Zisinga kwawukanira ku kino: **Adjectivo** *eyongerwa ku linnya erirabika*, so **pronomen** *eba awo yokka, erinnya nga lisirisiddwa*.

Naye kubanga olusi adjetivo ekyukako ekisananyi ng'edze mu lubu lwa pronomen, ka twekkanye pronomen ezo.

A. — Pronomen ey'omuwendo

Nnina ente musanvu; naye ey'omusantu erwadde.

WETEGEREZE: Mu kitundu ekisose eky'embozi, mulimu adjetivo ey'omuwendo; mu kitundu eky'okubiri, mulimu pronomen ey'o-muwendo.

Musanvu, eyongeddwa ku *nte* nga njogerek: awo ye *adjectivo*.

Ate *ey'omusantu*, esigiddwa *nte* nga nsirise, ate etegeza u'olubu: awo ye *Pronomen*.

Mu kigezo ekyo, muvwamu etteka lino: Pronomen ey'omuwendo kye kigambo ekimu ne adjetivo ey'omuwendo; naye pronomen esokerwako emperezi enkulembezi / *a, oba e, oba o* /.

Awo nno: omuntu womusanvu, efuka eti: owomusanvu; *ente y'okuna*, efuka *ey'okuna*.

WETEGEREZE: Newakubadde nga pronomen eyinza okutekebwa yokka mu mbozi, era olusi etekebwako obugambo buno: *-mbi'-nsatule*, n'etegeza omuwendo.

Okugeza: *Fembi, mwembi, bombi, gyombi, zonsatule*.

B. — Pronomen ey'obwananyini

Pronomen ey'obwananyini erina ekifo eky'erinnya erisirisiddwa, ate ng'etegeza obwananyini.

OKUGEZA: *Omuntu wange*. **Wange** ye **adjectivo**, kubanga ayongeddwa ku muntu nga mwogerek.

Gw'oli muntu w'ani? Wuwo. **Wuwo** ye **Pronomen** kubanga esigiddwa muntu ng'asirise.

Kale, pronomen eyo'bwananyini ekolebwa etya?
 Okugikola, basoka kabonero kasibi ak'olubu lw'erinnya, ate ne batekako pronomen ey'abantu, ng'esokebwako enfundikirwa o.
OKUGEZA: Amatabi g'omuti, amatabi gagwo, (ga-gu-o). Ekibala ky'omuti, ekibala kyagwo, (kyagwo).

Yogera pronomen ey'obwananyini mu lubu lwa Mu-Ba.

Pers.	1 ^a	owange	owafe,	abange	abafe
"	2 ^a	owuwo,	owamwe	ababo	abamwe
"	3 ^a	owuwe	owabwe	ababwe.	

C. Pronomen endazi.

Pronomen endazi, ebera mu kifo ky'erinnya, ate n'eraga ebiriwo, oba ebyogeddwako.

Embozi endazi ez'omu luganda ze ziri wa?

Embozi endazi zirimu engeri ssatu, era ng'adjectivo endazi bwe zawulwamu awasatu, ez'okumpi, n'ez'ewala, n'ezogeddwawa.

Kale yogera embozi endazi.

Embu	Ba	Wuno, wuli, wûyo.	Babano, babali, bâbo.
Mu	Mi	Guguno, guguli, gûgwo.	Gigino, gigiri, gîgyo.
N.		Yino, yiri, yiyo.	Zizino, ziziri, zizo.
Ki	Bi	Kikino, kikiri, kikyo.	Bibino, bibiri, bibyo.
Ka	Bu	Kakano, kakali, kâko.	Bubuno, bubuli, bùbwo.
Li	Ma	Lirini, liriri, liryo.	Gagano, gagali, gâgo.
Lu	N	Lûlune, lululi, lûlwo.	Zizino, ziziri, zîzo.
Ku		Kukuno, kukuli, kûkwo.	
Mu		Mumuno, mumuli, mûmwo.	
Wa		Wawano, wawali, wâwo.	
E		Yino, yiri, yiyo.	
Ku		Kukuno, kukuli, kûkwo.	

D. — Pronomen ey'okubûza.

Pronomen ey'okubûza ebera mu kifo ky'erinnya, ate eddirwa mu kubûza. Ye emu ne adjectivo ey'okubûza. Zawukanira ku kimu kyokka: adjectivo egoberera erinnya; naye pronomen eba yokka, nga lisirisiddwa.

OKUGEZA:

Adjectivo. Kintu ki? Kitabo kitya? Abantu bameka?

Pronomen. Balese ki? Kiri kitya? Badze bameka?

D. — Pronomen etetûsa.

Pronomen etetûsa ebera mu kifo ky'erinnya, naye tetera kutegeza bulungi makulu galyo.

Embozi zizino okugeza:

Buli, kisi, tyo, gundi, nanka, bène, *n'ebirala*....

D. — Pronomen ey'okutaba (*entabi*).**Akambe akasala. — Akambe ke balese.**

WETEGEREZE: Pronomen entabi terina ginnayo mw'evwa mu adjektivo, ky'evwa esanira okwekkanyizibwa enyo.

2/. Mu bigambo bye tuwandise engulu: **Aka** ne **Ke**, be **basigire** ba kambe; naye balina omulimo omulala gwe bakolera kambe: *kwe kukatûsako embozi ennamba*. Embozi eyo ennamba eringa nga complemento, kubanga etûsa amakulu g'erinnya liri.

Kale nno *Pronomen bw'eba ng'etaba ebigambo ebikulembra n'ebigambo ebiddirira mu mbozi, eyitiba*: **Pronomen entabi**.

Okwawulamu: Bwe twanyumya edda ku pronomen ey'abantu, twagamba nti erimu engeri bbiri, anti olusi eba nanyini nkola, ate olusi etwalibwa bütwalibwa.

Lero nno kwé tuba tusinzira okutegera pronomen entabi bw'enegenda.

A/. *Pronomen entabi bw'eba ng'etwala embozi*, awo kye kimu ne pronomen ey'abantu *ng'etwala embozi*, naye bagissako emperezi esoka (a, e, o).

OKUGEZA :	Omuntu yagenda,	Omuntu	e yagenda.
	Akambe kasala	Akambe	a kasala.

B/. Pronomen *entabi bw'eba ng'etwalibwa mu mbozi*, awo eba bw'eti :

	(<i>bumu</i>)	<i>bungi</i>
Mu Ba	Gwe	Be
Mu Mi	Gwe	Gye
N	Ye	Ze
Ki Bi	Kye	Bye
Ka Bu	Ke	Bwe
Li Ma	Lye	Ge
Lu N	Lwe	Ze
Ku Ma	Kwe	Ge
Bu	Bwe	
Lubu olw'ebifo	Mwe. we, ye, kwe.	

OKUGEZA : Omuntu gwe ndabye. — Emiti gye ndabye.

Akambe ke nguze. — Obwambe bwe nguze.

Okwagala kw'atwagalamu.

Ensi mwe nvudde; ku kyalo kwe ndi.

OKUGATTA BYONNA

ebiri enyuma.

OBUYUNGULUZI

(*Ekitundu ekiberyeberye*)

WETEGEREZE: Tusoke tudde enyuma okutegera bye tuyize. Ebigambo bye tumazeko, biri bisatu byokka: *erinnya, adjectivo* (Nakongerwako), ne *Pronomen* (Nakasigirwa).

Buli kigambo twakyekkanya kinna kimu, nga tukyebûzako ebyebûzibwa omuntu ow'amagezi.

A. — Kale, ku **linnya** twebûzako bino :

- 1/. *Engeri* yalyo: oba libadde linnya lye nyini, oba linnya lya ngeri.
- 2/. *Omuwendo*: oba litekeddwa mu *Bumu*, oba mu *Bungi*.
- 3/. *Nolubu*.
- 4/. *Nekikolo*.

B. — Ku **adjectivo** twebûzako bino :

- 1/. *Engeri* yayo: ya butya, nandiki nkomezi, kwe kugamba, ey'omuwendo, ey'obwananyini, endazi, n'ebirala.
- 2/. *Amaddala g'amakulu*, kwe kugamba nti Obutya obugeranye, oba obusinze.
- 3/. *Omuwendo gw'ewandikiddwamu*: obumu, oba obungi.
- 4/. *Erinnya ly'eyongeddwako* okulitusako amakulu.

C. — Ku **Pronomen** (omusigire w'erinnya) twebûzako bisatu :

- 1/. *Engeri* yayo: oba ya bantu (*personale*), oba *nkomezi*, kwe kugamba; ey'omuwendo, ey'obwananyini, oba entabi .
- 2/. Oba ya bantu: *persona* ow'oluberyeberye, oba wa kubiri, oba wa kusatu era n'omuwendo.
- 3/. Ate *n'erinnya ly'esigirwa*.

Awo bwe tutyo twagenda *tuyungulula buyunguluzi ebigrando* *nga tunnyonnyola amakulu gabyo*; *kwe kuvva erinnya ly'omulimo ogwo okuguyita*: **Okuyungulula ebigrando**.

Kale omulimo ogugasa enyo, kwe kusoma mu kitabo nga bayungulula bwe batyo. Atamanyi mulimo ogwo bwe gukolebwa, analabiranga ku kigezo kye tulese wano. Buli kigambo ekitannaba kutgezebwaa, tunakibûka: tulikiddamu edda nga kimaze okute gezebwaa.

EKIGEZO KY'OBUYUNGULUZI

Yezu	Linnya lye nyini.
yasiba	
enjala	Linnya lya ngeri ; mu bumu ; olubu lwa N.
ennaku	Linnya lya ngeri ; mu bungi ; olubu lwa Lu -N.
amakumi ana ;	Adjectivo mbazi ; eyongeddwa ku nnaku.
omukemi	Linnya lya ngeri ; mu bumu ; olubu lwa Mu -Ba.
wa	kabonero kasibi ; ka lubu lwa Mu -Ba.
bantu	Linnya lya ngeri ; mu bungi ; olubu lwa Mu -Ba.
n'a -musemberera	(a) musigire wa mukemi ; pers. 3 ^a ; mu bumu
n'a -mukema	kye kimu.
ku	
mululu.	Linnya lya ngeri ; mu bumu ; olubu Mu -Ba.
Yezu	Linnya lye nyini.
n'a -ddamu	(a) musigire wa Yezu ; pers. wa kusatu ; mu bumu.
nti	
Omuntu	Linnya lya ngeri ; mu bumu ; olubu Mu -Ba.
a -bera	(a) musigire wa muntu ; persona wa kusatu ; mu bumu.
mulamu	adjective ya butya ; eyongeddwa ku muntu.
na	
buli	adjective ya butatusa ; eyongeddwa ku kigambo.
kigambo	Linnya lya ngeri ; mu bumu ; olubu lwa Ki -Bi.
eki -vwa	(eki) pronomer ya kutaba ; esigiddwa kigambo.
mu	
kamwa	Linnya lya ngeri ; mu bumu ; olubu lwa Ka -Bu.
ka	kabonero kasibi ka lubu lwa Ka -Bu.
Katonda.	Linnya lye nyini ; mu bumu.



ESSOMO III○ VERBO (*Nakayogera*)

A. — I. — Verbo annumnyolwa

Ndi munafu. — **Katonda ali mutukirivu.**
Nzannya. — **Yebase.**

WETEGEREZE: Ebigambo bino: **Ndi**, **ali**, **nzannya**, **yebase**, bitegeza **embera** ya Katonda, embera yange, kye **nkola**, era n'embera y'oli.

Ebigambo ebyo kye biberedde eby'omuwendo mu mbozi, bwe bibulawo, embozi tebako makulu, esirise busirisi, tebawo na kubawo.

Kale gezako obiggyewo, onolaba ng'embozi tetuka. Awo mu mbozi ennamba, ebigambo ebyo birina omulimo ogukolebwa emperezi, ogw'okwogeza obugambo: anti emperezi ze zögeza ensirifu; era n'ebigambo bye twogerako kakano, bye byogeza embozi ne bigiramy.

Ekigambo eky'omuwendo ekyenkanidde awo, kye baywa bakiyita *Verbo*, ennono yakyo, *Kigambo*: kyenkana kwe kugamba, nti *Kigambo* kye nyini, ekisinga ebirala byoona.

Mu luganda kisanidde okuyitibwa: Nakayogera, anti ye nanyini kwogeza ebigambo ebirala.

Kale Verbo (Nakayogera) kye ki?

Verbo kye kigambo ekitegeza enkola oba embera y'erinnya; ate kye kikakasa ng'obutya busanidde erinnya, oba tibilisanidde. Olusi kitubulira bubulizi ebiriwo n'ebitaliwo.

OKUGEZA: Ebigambo bye twasose waggulu:

Ndi munafu, Katonda ali mutukirivu. **Ndi**, **ali**, ebyo biyitibwa *Verbo*, kubanga bikakasa ng'obutya busanidde erinnya; obunafu busanidde nze; obutukirivu busanidde Katonda.

Nzannya, era ye verbo, kubanga eugeza enkola yange.

Yebase, era ye verbo, kubanga eugeza embera y'oli.

Verbo (Nakayogera) etegegererwa ku ki?

Bagitegera nga bayinza okugissako pronomens personale.

OKUGEZA: **Kukola**, **kufa**, **kutambula**, **kuzimba**.

Ebigambo ebyo tubiyita verbo, kuba biyinza okutekebwako pronomens personale ne zitegeza enkola oba embera eya persona, bwe biti:

Nkola, **ofa**, **atambula**, **tuzimba**, **kasala**, **bifudde**.

A. — II. Nanyini nkola. *Subjecto.*

Katonda ali mutukirivu. — **Petro azanya.**
Omujjuzi gwatta abantu.

WETEGEREZE: Ali omutukirivu *y'ani?* Ye Katonda. Azanya *y'ani?* Ye Petro. Ekyatta abantu *kye ki?* Mujzuzi.

Kale nno ebigambo ebyo: *Katonda*, *Petro*, *Omujjuzi*, babiwadde verbo okutegeza nanyini nkola oba nanyini mbera.

Jukira. — Verbo eyogera enkola oba embera; naye bw'eba nga njere-re nga wano « *Kulima*, » tetutegeza alima; so ekyo nga tukyetaga okukimanya. Awo nno ogwo gunaba mulimo gwa kigambo kirala.

1/. *Awo nanyini mbera oba nanyini nkola, ayitibwa Subjecto*, ennono yakyo: **Kiterwa**, kubanga bakiteka ku verbo okugikoza omulimo gwayo.

WEKKANYE: Mu nsonga eza verbo, subjecto tebulirawo ddala. Naye olusi esirisibwa busirisibwa, so nga w'eri.

OKUGEZA: *Etonnya*. Wano basirisa Enkuba. *Buzibye*. Basirisidza: budde. Kasita omusigire abawo, y'atujjukiza erinnya erisirisiddwa.

Laba: *Etonnya*, *buzibye*: awo **E** ne **bu**, be basigire, anti pronomen.

2/. *Ebigambo ebiyinza okutumibwa omulimo gwa Subjecto mu mbozi, biri bisatu:* **Erinnya** (Nomen), ne pronomen (omusigire), awo ne **verbo** endala, naye nga bagiwandise mu ngeri egifula ng'erinnya ejjerere.

OKUGEZA: *Omwana ayimba*, (wano erinnya lye liba subjecto).
Bazanya, (wano pronomen y'eba subjecto).
Okulima kukaluba (wano verbo y'eba subjecto).

A. — III. Attributo (*Kiterwako*)

Katonda ali mutukirivu.

WETEGEREZE: Mu kigambo kino: ali, ye verbo; verbo eyo tetegeza nkola wabula *embera*. Wano omulimo gwa verbo kwe kusala omusango: anti esala oba ekakasa ng'obutukirivu busanidde Katonda. Awo mu kigambo eky'engeri eyo, *adjectivo verbo gy'esitula okugissa ku linnya, eyitibwa Attributo*, (ennono yakyo kiterwako).

Kale nno attributo kye ki?

Attributo kye kigambo ekitegeza obutya bw'erinnya nga bukaka-siddwa verbo.

Verbo zonna zirina attributo?

Verbo tetera kubulwa attributo. Naye obutawubya bato, tunayogera wano ku attributo erabika yokka. Awo verbo ezinabera ne attributo zizino zokka: Kubera ne Kufuka.

Bugambo ki obuletebwa okuba attributo?

1/. Olusi lye linnya, nga wano:

Omuntu ono yali muddu; lero afuse mutemu.

2/. Olusi ye *adjectivo*, nga wano:

Omwana ono aliba mugezi.

3/. Olusi ye *musigire* w'erinnya, nga wano:

Gw'ogamba yali nze. — Olugoye luno lwali lwange.

4/. Olusi ye *verbo* ng'eyogereddwa mu bbanga ejjerere, nga wano:

Okunyikira kwe kusobola.

A. — IV. Complemento ya verbo.

Njagala Katonda. Omwavu mmuwa ekyambalo.
Ku kibuga navwayo jjuzi.

WETEGEREZE: Twalaba dda ng'erinnya bwe lisibwako ku linnya eddala, okukomera amakuru galyo, awo ku lw'omulimo ogwo liyitibwa **Complemento** ey'erinnya liri.

OKUGEZA: Mwana wa Kabaka.

Ate twalaba ng'olusi *adjectivo* nayo ebako ebigambo ebitusa amakulu gayo: ebigambo ebyo kwe kuyitibwa **Complemento ya adjectivo**.

OKUGEZA: Omwana omutefu mu banne, omuntu omulungi enyo.

Omusigire w'erinnya ye titwamussako complemento, kubanga ye musigire busigire; omulimo gwe gwe gumu n'ogw'erinnya.

Naye verbo yo tebako complemento?

Yee, verbo *enkozi* era tebulako complemento.

Kale musome bye tuwandise engulu. Mu bigezo ebyo byonsatule, mulimu verbo ssatu nnamba. Ka tuzimenye nga tuzinnyonnyolako.

1/. **Njagala Katonda.** Ekigambo: **Katonda**, kigasa ki mu mbozi? Kigasa nyo. Bw'okiggyawo, omulimo gwa verbo tegubako gye gudda, n'amakulu ga verbo kwe kukoma mu kkubo, ne gatatukirira. Naye kasita otekawo **Katonda**, awo amakulu kwe kutukirira, ne gaggwayo.

Awo nno ekigambo ekyo ekitusa amakulu ga verbo, kisanidde kuyitibwa **Complemento ya verbo**.

2/. Mu kigambo eky'okubiri: **Omwavu mmuwa ekyambalo**, bw'oggaya-wo **ekyambalo**, awo totegera ky'owadde mwavu, n'amakulu ga verbo kwe kusigalira mu bbanga. Ate bw'oggyawo ne **mwavu**,

awo totegerera ddala kantu. Naye kasita otekako ebyo byombi, awo bye bitusa amakulu ga verbo, awo nno byombi biba complemento.

Era ne mu kigambo eky'okusatu, ebigambo bino: **Ku kibuga**, ne **Jjuzi**, bye bitusa amakulu ga verbo nga bitubulira ekifo era n'obudde enkola mw'ekoleddwa, awo nno nabyo complemento.

Mu Complemento bawulamu engeri ssatu.

WETEGEREZE: Nga bwe tulabye mu bigambo biri, complemento tizitukirwako kyenkanankana zonna : *waliwo ezimu verbo kw'esokerera ddala okuqua*, ate waliwo *n'endala verbo z'egwako oluvwanyuma*.

Kale mu kigambo kino: **Omwavu mmuwa ekyambalo**; ku **kyambalo** enkola kw'esokera ddala okukkira, kuba kye basoka okubûza kikino :

Ky'owa kiki? N'oddamu, nti **Kyambalo**. Awo nno Kyambalo, ye **complemento ey'oluberyeberrye**, kubanga mu kirowozo y'esinga okusemberera verbo.

Ate enkola ng'emaze okuvwa ku kyambalo, n'edda ku **mwavu**. Anti eky'okubiri kye bebuza kikino : *Okiwa ani?* (lero kwe kugamba, nti *Eri ani?*) Ko gwe, nti **Omwavu**. Awo nno Omwavu, ye **complemento ey'okubiri, oba ey'ebbali**, kubanga tesemberera nyo verbo nga complemento eri.

Mu kigambo eky'okusatu. **Ku kibuga navwayo jjuzi**, complemento ziri bbiri. Awo omulimo gwazo kwe kumbulira **ekifo** era **n'obudde**, anti ebitali bya muwendo nyo. Awo kwe kuziyitira awamu **Complemento ennyinnyonnyozi**. So ezo tizikoma ku kifo na budde. Olusi zikubulira n'ensonga eyakoza, era n'engeri eyaletebwa mu kukola, era n'ebirala bingi. Complemento ezo zisinga kutergerwa nga babûzidza bwe batí :

Wa? Ddi? Tya? lwaki? bimeka? naki?

A. — V. Ensibuko ebbiri *Verbo zonna* mwe zisibuka

Njagala Katonda. — Enkuba etonnya. Katonda ali mutukirivu.

WETEGEREZE: Nga bwe twagambye engulu (Ess. iv, A. I) verbo etegeza enkola oba embera.

1/. Buli verbo eyinza okwongerwako complemento ey'oluberyeberrye, eba ya nkola oba **Nkozi**. Verbo enkozi tetera kwemala yokka nga tetekeddwako complemento.

OKUGEZA: **Njagala Katonda.** Njagala **ki?** Katonda. **Njagala** eyinza kowongerwako complemento ey'oluberyeberrye, awo eba verbo enkozi.

2/. Buli verbo eteyinza kwongerwako complemento e'yoluberye-berye eba ya mbera, oba **mbezi**. Verbo embezi yemala yokka, n'a-makulu gayo ne gatuka bulungi, newakubadde nga teriko complemento egitereddwako.

OKUGEZA: **Enkuba etonnya**. Awo toyinza kubùza nti *etonnya ki?*

Katonda ali mutukirivu. Tobùza nti *ali ki?* Naye obùza nti Enkuba *ebadde etya?* Katonda *ali atya?* Anti **obutya** bwokka bw'oyinza okubùza.

○ So mu verbo embezi, bamanyidde okwawulamu verbo Kuba, kubera, (Ndi. Oli...) ne bagyekkanya bwayo yokka, nga bagiyita verbo **Enjerere**. Nakyo kisana, kubanga verbo eyo tetera kutegeza kantu, newakubadde obutya. Ky'esinga okugasa kikino, era nga bwe twalaba engulu: esala busazi ng'ekigambo kisanidde erinnya, (Laba Attributo, 30, 11).

A. — VI. Engeri za verbo ezisibuka mu *ngeri enkulu*.

Katonda ayagalwa. **Katonda yeyagala,** ab'oluganda bagalana. **Tukolera Katonda.** **Katonda y'atukoza.**
Tuleke okusenguka.

WETEGEREZE: Verbo zouna ze musomye wano **zisibuka mu ndala;** zizalibwa verbo **enkozi**. Ate verbo ezo bagenda bazifü-lafüla amakulu nga bazikyusako enfundikirwa: kwe kufuna endala.

Ezisinga okuletebwa mu mbozi ze zino:

1/. **Ensulifu**, nga **Kwagalwa**, ne **Kuyinzika**.

Ekigambo kino: **Nsulifu** kitegeza ng'enkola yefunyidde ku nyiniyo.

WEKKANYE: Bw'ogamba, nti **Engo eridde embuzi**, awo nyini nkola ye *Ngo*. Naye bw'ogamba, nti **Embuzi eririddwa engo**, awo ng'osulise amakulu, kuba enkola edze ku *mbuzi*. Ekibadde subjecto, kye kifuse complemento, ate complemento y'efuse subjecto. Awo we wavwa erinnya eryo Nsulifu.

2/. **Enfunye**, nga **Kweyagala**.

Ekigambo ekyo: **Nfunye**, kitegeza nga nányini nkola takolera mulala wabula okwekolera yekka. Ekikolwa kidda ku muntu akikola, anti kwe kwefunya.

3/. **Empanyise**, nga **Kwagalana**.

Ekigambo kino **Mpanyise**, kitegeza ng'enkola teba y'omu yekka, naye ng'evwa eruyi n'eruyi.

4/. Enkomere, nga **Kukolera**, **Kutundira** (mu katale).

Ekigambo ekyo **Nkomere**, kitegeza *ebbanga* enkola ly'emala, *n'ekifo* enkola mw'eri, *n'oli gwe bakolera*, oba gwe bawa, *n'ensonga* enkola gy'egendererera, era *n'okutukirira* kw'enkola. Geza ku bino:

- a. *Ebbanga*. — **Yatambulira** ennaku ssatu.
- b. *Ekijo*. — **Yatundira** mu katale.
- c. *Gwe bakolera*. — **Tukolera Katonda**. **Amalira kitawe omusolo**.
- d. *Ensonga egendererera* enkola. — **Akolera mpera**, **bamukubidde kyejo**.
- e. *Okutukirira kw'enkolo*. — **Akolera ddala**; atambulidde bwerere.

5/. Enkoza, nga wano: **Katonda y'atukoza**.

Ekigambo ekyo: **Nkoza**, kitegeza ng'enkola ekozebwā mulala. Awo verbo enkoza efegeza:

- a/. *Omuntu alagira* omulimo.
- OKUGEZA: **Batulimisa engudo**.
- b/. *Oba ekintu kye bakoza* omulimo.
- OKUGEZA: **Kulimisa ngalo**, **kutambuza muggo**.

6/. Enjijuluzi, nga **Kusenguka**, **Kuyungulula**, **Kusimbula**.

Ekigambo ekyo **Njijuluzi**, kitegeza nga verbo eyo ejjulula ekikolwa ekikolebwā verbo enkozi.

WETEGEREZE: Waliwo n'amabala amalala mangi agatayogereddwa wano, Abaganda ge bamanyidde obulungi. Gano ge ganamala okutegeza nga verbo bwe ziyanza okuzala zinnazo. So mu nsongea ezo, omuntu takola nga bw'ayagala, wabula okuleta mu mbozi engeri ezo zokka ezakala mu māteka g'olulimi.

A. — VII. Omwanjuluzo gwa Verbo.

Nkola. Ndicola. Yakola. Kukola. Twandikoze.

WETEGEREZE: Ku bigambo bye tuwandise wano, kwe munategerera verbo nga bw'ekyukakyuka. Ebigikyusakyusa bingi.

Kale verbo tebera kukyukako kifananyi, singa tibaliko kwe bategegerera ng'ekyuse n'amakulu, wabula okutebereza obutebereza, nga bamaze okwekkanya ebigambo ebirala eby'omu mbozi. So amagezi ago mazibū. Naye kubanga verbo kye kigambo eky'omuwendo mu lulimi, era esanidde okwemala n'okutegeza ebyetagibwa byonna.

Kale ekigambo kino: **Kukola**, kitegeza ki wazira **enkola yokka**?

Naye *nanyini nkola*, *n'obulide bw'akoleramu*, oba *akola* nga *bamulagidde*, kale ebyo byonna nga mbyetaga nyo, so nga mpawo kinabimbulira.

Awo nno verbo bagiwerera *amakulu* ago gonna, nga *bagissako pronomen na ddala* nga *bagikyusidzako enfundikirwa*.

Omulimo ogw'okufùlafùla verbo, okugyogezza nanyini nkola, n'engeri y'enkola, n'obudde bw'enkola, baguyita **Kwanjuluza** verbo.

Mu mwanjuluzo gwa verbo, ebyekkanyizibwa enyo biri bibiri:
Obudde, n'Engeri (Enjogera).

§. — I. Obudde.

Nkola. — Nákola. — Nnakola

○ WETEGEREZE: Verbo ky'esoka okutegeza, bwe budde obukolerwamu ekikolwa, kuba ekyo omuntu ky'asoka okwebuza, nti *Ddi?* Lero, nandiki dda?

Kale abùza atyo, bayinza kumudza wasatu: mu budde **Obuliwo**, mu budde **Obwayita**, ne mu budde **Obulijja**; anti obudde bwo-nna we bukoma.

1/. **Obudde Obuliwo.** Obudde obuliwo bwe butegeza ng'e-nkola oba embera w'eri *kakano nga bakyayogera*, oba ng'ebawo *buli jjo obutayosa*.

OKUGEZA:

a/. **Okola ki? Nkola;** anti *kakano* mu budde bwe njogereramu.

b/. **Gundi alina mulimo ki? Awandika mu Bazungu;** anti *buli jjo* nga gwe mulimo gwe gw'aliko.

2/. **Obudde Obwayita.** Obudde obw'ayita butegeza *ng'ekikolwa kyonna kiwedde okukola*.

OKUGEZA:

Omukulu yatuka dda; násomye, nsomye.

WEKKANYE: Ku bigezo ebyo kwe mutegerera ng'obudde obw'enyuma bwawulwamu ebitundu ebikulu bisatu:

a/. **Waliwo obudde obuwedde obw'ewala:** **Omukulu yatuka dda.**

b/. **N'obudde obuwedde obw'okumpi** **Nasomye, (nga lero).**

c/. **N'obudde obw'okumpi enyo** **Nsomye (kakati).**

Era oluganda bwe luyisa. So mu nnimi endala, tibatera kuleta mu budde obuwedde ebifananyi ebyo ebrisatu. Okwawulamu ebrisera mu budde, beyamba ebigambo ebyeyawudde ebifùla amakulu ga verbo.

3/. **Obudde Obulijja.** Obudde obulijja bwe butegeza **ekikolwa ekinakolebwa** mu budde obulimu maso.

OKUGEZA: **Nnasoma, ndisoma.**

WEKKANYE: Nga bwe bâwudde mu budde obuwedde ebisera, era bwe bakola ne mu budde obujja. Oluganda lukakasiza ddala bwe lutyo ebifananyi bibiri eby'ebiséra.

- a/. Waliwo obudde obujja **Obw'okumpi**: **Nnasoma.**
 b/. Waliwo n'obudde obujja **Obw'ewala**: **Ndisoma.**

WEKKANYE: Ku bikolwa ebiyungeko.

- 1/. *Mu budde obuwedde.*

EKIGEZO: **Mbadde ndya; nali ndya; nabadde ndya, (n'ajja).**

WETEGEREZE: Ekigezo ekisoka kinnyonnyolwa kiti: **Gundi yatuka ng'ekikolwa kye nali nkola tikinnaggwa.** Awo *ebikolwa byombi byegatta mu budde bumu obw'enyuma*. Engeri eyo eyitibwa **Obudde obubadde;** so si budde bwe bubadde, wabula ekikolwa nga kye kibadde kikolebwa.

Kale okutusa embozi eyo, basaze amagezi gagano: beyazise eri verbo enjerere « *Kubera* » obudde bwayo obw'enyuma obusanidde mu mbozi, ne babuwerera obudde obuliwo obwa verbo enkozi. Bwe batii:

Batôla « *Mbadde*, » oba « *Nabadde*, » oba « *Nali*, » era ng'omuntu bw'agenderera obudde obw'okumpi, oba obw'ewala, oba obw'okumpi enyo; ne bayunga ekigambo ekyo ku « *Ndyâ* ».

- 2/. *Tudde ku kigezo eky'okubiri:*

Mbadde... mmaze okulya (n'ajja).

Ekigezo: ekyo kivvunulwa kiti: **Gundi okutuka, asanze ekikolwa kye mbadde nkola nga kiwedde okukola.**

Ekikolwa ekyo kiyitibwa: **Obudde obwali buwedde;** so na wano, si budde bwe bwali buwedde, wazira ekikolwa, naye kasita bwe bagamba.

Kale, okutusa embozi eyo, beyamba verbo bbiri: anti verbo « *Kubera*, » nga bwe bakoze wali; n'ekigambo « *mmaze* ». Mmaze, bwe budde obw'enyuma obw'okumpi enyo obwa verbo « *Kumala* ».

OKUTEGEZA: Verbo « *Kubera* » gye beyamba bwe batyo, ye verbo enjerere. Naye okubera omulimo ogwo omulungi gw'etukolera mu kwanjuluza verbo enkozi, era kwe kugiyita verbo **Enyambi**. Singa si verbo eyo enyambi, siuga tulemwa ekitundu mu mulimo ogw'o-kwanjuluza.

- 2/. *Mu budde obujja.*

EKIGEZO: **Bw'onojja, oba bw'olijja, nnaba, oba ndiba ngenze.**

WETEGEREZE: Ekigezo ekijo kivvunulwa kiti: **Gundi okujja, ekikolwa kyange alisanga kiwedde** (*anti ekikolwa eky'okugenda*). Awo na wano era waliwo *ekikolwa bibiri ebirikolebwa mu budde obuli mu maso*, naye ekirala kye kirisoka.

Era okutusa embozi ey'engeri eyo, era beyamba verbo enyambi « *Kubera* » mu bifananyi byayo ebitegeza obudde obw'omu maso; ne balyoka basokako ne verbo enkozi, mu kifananyi eky'obudde obw'enyma obw'okumpi enyo.

Engeri eyo eyitibwa **Obudde obuliba buwedde**. So era na wano, si budde bwe buliba buwedde, wabula ekikolwa; naye bwe bôgera.

Okugatta ebigambo ebyogedwa ku bikolwa ebigatteko. — **Ebikolwa ebigatte**, newakubadde nga sibikolebwa mu budde bulala obutali buli bwe twagambyeko, era **bamanyidde kubifula budde bulamba**, era n'okubuyingiza mu mwanjuluzo gwa verbo.

§. — II. Enjatula

Nkola. Mukole. Nandikoze. Njagala mukole. Kukola.

WETEGEREZE: Mu bigambo bye musomye wano, enjatula si emu.

- 1/. Agamba nti **Nkola, atubulira bubulizi bw'akola**.
- 2/. Agamba nti **Mukole, alagira bulagizi**.
- 3/. Agamba nti **Nandikoze, aberako ensonga** ezi mulayira okukola, awo ensonga ezo nga ze zisibye enkola ye; so nga mu mwoyo gwe abadde ayagala okukola.
- 4/. Agamba nti **Njagala mukole, alagira banne** okukola oba era **abagaza** okukola.
- 5/. Agamba nti **Kukola**, ekikolwa akireta mu **bbanga jjerere**, enkola n'etewererwa kantu kategeza budde, oba engeri, oba ekirala.

Awo nno mu kunnyonnyolwa okwo, mwe muvwa n'amannya ge batûma engeri ezo zonna ez'okwatula enkola.

1. Enjatula esose nti **Nkola**, ye ngeri **embulizi**.
2. " **ey'okubiri**, nti **Mukole**, " **endagizi**.
3. " **ey'okusatu**, nti **Nandikoze**, " **ensibibwa**.
4. " **ey'okuna**, nti **Njagala mukole**, " **entwalibwa**.
5. " **ey'okutano**, nti **Kukola**. " **entawererwa**.

Okugatta byonna. — Ebigambo ebinnyonnyola verbo bikomye wano.

Tusigalidde kwanjuluza verbo. Ekyo kinakolebwa bwe kiti: Verbo tunagiteka mu buli *ngeri ya kwatula* era nga bwe tuzimenye kinna emu, ate nga tugiteka ne mu *budde bwonna*, okusokera ku budde obuliwo, okukoma ku budde obuliba buwedde.

Naye kubanga verbo enjerere « *Kuba, kubera* » y'etuyamba enyo mu kwanjuluza verbo enkozi, era kye tunaywa tugsokerako, ne tulyoka tudda ku verbo enkozi n'embezi.

OKWANJULUZA VERBO

*Ebigezo:**VERBO ENJERERE***KUBERA**

I. ENGERI EMBULIZI

<i>Obudde obuliwo</i>		<i>Obudde obwayila.</i>
-----------------------	--	-------------------------

Mbera	mba	ndi	Mbadde	nabadde	nali
Obera	oba	oli	Obadde	wabadde	wali
Abera	aba	ali	Abadde	yabadde	yali
Tubera	tuba	tuli	Tubadde	twabadde	twali
Mubera	muba	bali	Mubadde	mwabadde	mwali
Babera	baba	ba	Babadde	bâbadde	bâli

Obudde obujja

Nnabera	ndiba	ndibera
Onobera	olibia	olibera
Anabera	aliba	alibera
Tunabera	tuliba	tulibera
Munabera	muliba	mulibera
Banabera	baliba	balibera

II. — ENGERI ENSIBIBWA

III. — ENGERI ENTWALIBWA

Nandibadde	oba	nakubadde	Mbere	mbé
Wandibadde	»	wakubadde	Obere	obe
Yandibadde	»	yandibadde	Abere	abe
Twandibadde	»	twakubadde	Tubere	tube
Mwandibadde	»	mwâkubadde	Mubere	mube
Bandibadde	»	bakubadde	Babere	babe.

IV. — ENGERI ENDAGIZI.

Béra	ba
Abere	abe
Mubere	mube
Babera	babe

V. — ENGERI ENTAWERERWA

Kubera.

B/. VERBO **KUKOLA**

ENGERI EMBULIZI

Obudde obuliwo

Nkola	Nnakola	oba	ndikola
Okola	Onokola	»	olikola
Akola	Anakola	»	alikola
Tukola	Tunakola	»	tulikola
Mukola	Munakola	»	mulikola
Bakola	Banakola	»	balikola

Obudde obubadde

Mbadde nkola	Nnaba	oba	ndiba nkoze
Obadde okola	Onoba	»	olibia okoze
Abadde akola	Anaba	»	aliba akoze
Tubadde tukola	Tunaba	»	tuliba tukoze
Mubadde mukola	Munaba	»	muliba mukoze
Babadde bakola	Banaba	»	baliba bakoze
oba Nabadde nkola			
» Nali nkola			

Obudde obwayita

Nakola	Nandikoze	oba	nakukoze
Wakola	Wandikoze	»	wakukoze
Yakola	Yandikoze	»	yakukoze
Twakola	Twandikoze	»	twakukoze
Mwakola	Mwandikoze	»	mwakukoze
Bâkola	Bandikoze	»	bakukoze
oba Nakoze			
Nkoze			

Obudde obwali buwedde

Nali nkoze	Kola
Wali okoze	Akole
Yali akoze	Mukole
Twali tukoze	Bakole
Mwali mukoze	
Bâli bakoze	
oba Mbadde nkoze	Nkole
» Nabadde nkoze	Okole
» Nali nkoze	Akole
	Tukole
	Mukole
	Bakole

ENGERI ENTAWERERWA

Kukola

Wekkanye: Situyanjuluze waño verbo ensulisu n'embezi, kubanga engeri ye emu. Era ne verbo mu buganyi (*sikola*) nayo teyogerwe wano.

OBUWEWEVU BWA VERBO

Wekkanye: 1/. Enukuta **n** bw'eddirirwa **l ne r** pronomen **n** efuka **d** oba **n**. Okugeza:

Kulaba	=	ndaba
Kuloba	=	ndoba
Kulanga	=	nnanga
Kulumba	=	nnumba

2/. **N** bw'eddirirwa enukuta zino: **m, b, p, w, efuka m.**
Okugeza:

Kubulira	=	mbulira
Kumala	=	mmala
Kupima	=	mpima
Kuwayiriza	=	mpayiriza

3/. N bw'eddirirwa ensirifu ebbiri, emu bagiggyawo, ate **n** efuka **nzi**. Okugeza :

Kubba	=	nziba
Kuggulawo	=	nzigulawo
Kuvvunula	=	nzivunula
Kutta	=	nzita

Naye N bw'eddirirwa **dd** bbiri, ey'okubiri efuka **r**. Okugeza :
Kudduka = **nziruka**
Kuddayo = **nzirayo**

4/. Ate **n** bw'eddirirwa **jj**, efuka **nji**. Okugeza: *Kujja* = *njija* ;
kujjula = *nijula* ; *kujjanjaba* = *nijianjaba*,

5/. Era **n** bw'eddirirwa **mm**, efuka **nnyi**, bw'eti: *kumma* = *nnyima*.

OBUYUNGULUZI (ekitundu eky'okubiri).

Mu kitundu eky'oluberyeberye twakoma ku verbo. Naye lero ebigambo bya verbo nga bimaze okuggwa, ka tulabe bwe biyungululwa kinna kimu. Ate bwe kityo, bwe tunabikubirira.

Ku verbo bye twebuzako bibino :

1/. *Engeri* ya verbo nga bw'eri: 'oba *mbezi*, oba *nkozi*; era mu zbemi ne twawulamu *enjerere* (*Kuba*).

2/. *Obudde* obutekebwamu verbo: kwe kugamba ntí oba *Obuliwo*,

oba *Obuwedde obw'ewala*, oba *obw'okumpi*, oba *obw'okumpi enyo*; *N'obujja*, oba *obw'okumpi*, oba *obw'ewala*. Ate ku budde obwo, twassako n'ebikolwa ebigatte ebiyitibwa obudde *obubadde*, *n'obwali buwedde*, ate n'obudde *obuliba buwedde*.

3/. *Enjatula* ya verbo: kwe kugamba nti engeri y'enjogera yayo: oba *Embulizi*, oba *Endagizi*, oba *Entwalibwa*, oba *Ensibiba*, oba *Entawererwa*.

4/. *Complemento* ezibadde zongeddwa ku verbo okugitusako amakulu. Awo ziri ssatu: *Ey'oluberyeberye*, *ey'okubiri*, oba ya *bbali*; *ey'okusatu* era *n'ennyinnyonnyozi*, etubulira ku nsonga.

5/. *Ne attributo*, nga verbo ebadde verbo njerere: esala obusazi *omusango* gwa subjecto.

WETEGEREZE: Engeri zonna eza verbo ezsibuka mu nsibuko enkulu, tibatera kuzimenya mu kuyungulula, kubanga ziyanze obungi. So engeri ze bamanyidde okumenya zizino: *ensulifu*, *enfunye*, *n'enkomezi*. Endala zonna, zidda mu nkozi, oba mu mbezi.

6/. *Ne subjecto*, ye nanyini nkola.

EKIGEZO

Katonda	Linnya lye nyini; mu bumu; subjecto ya verbo ya-tulagira.
yatulagira	Verbo nkozi; mu ngeri embulizi; mu bumu; obudde obuwedde obw'ewala; persona 3.
(ya)	pronomen ya bantu; mu bumu; persona 3; esigiddwa Katonda.
tu	pronomen ya bantu; mu bungi; persona 1; complemento ya verbo yatulagira.
nti	
mukolerenga	verbo nkozi (nkomezi); engeri ndagizi; mu budde obuliwo; mu bungi; persona 2. Mu, ye pronomen ya bantu; mu bungi; persona 2.
bannamwe,	pronomen etetusa; mu bungi; esigiddwa bantu (nga basirisiddwa); complemento 2 ya mukoleranga.
nga bwe	
mwagala	verbo nkozi; engeri mbulizi; mu budde obuliwo; mu bungi; persona 2.
babakolere	verbo nkozi (nkomezi); mu ngeri entwalibwa; mu budde obuliwo; mu bungi; persona 3.
(ba)	pronomen ya bantu; mu bungi; persona 3; esigiddwa bantu (nga basirisiddwa); subjecto ya bakolere.

(ba)	pronomen emu n'eri ; naye wano eri complemento 2 eya kukolera.
Omuntu	Linnya lya ngeri ; mu bumu ; olubu lwa Mu-Ba, subjecto ya aliba.
aliba	verbo njerere ; enjogera ndagizi ; mu budde obujja obw'ewala ; persona 3 ; mu bumu.
(a)	pronomen ntabi ; etaba ekijja ne muntu.
atukiridza	verbo nkozi ; engeri mbulizi ; mu budde obuwedde, obw'okumpi ; persona 3 ; mu bumu.
ekiragiro	linnya lya ngeri ; mu humu ; olubu Ki-Bi; complemento ey'oluberyeberye ya atukiridza.
ekyo	adjectivo ndazi ; eyongeddwa ku kiragiro.
aligenda	verbo mbezi ; engeri endagizi ; mu budde obujja obw'ewala,
Okwesima	verbo mbezi ; engeri ntawererwa ; complemento ennyi-
mu	nyonyozi eya aligenda.
ggulu	linnya lya ngeri ; mu bumu ; olubu lwa Li-Ma, complemento ennyimnyonnyozi (ey'ekifo) eya kwesima.

ESSOMO V**OBUGAMBO OBUTAKYUKA**

Obugambo obutakyuka buli buna: **Nakafûla** (*Adverbium*), **Nakataba** (*Praepositio*), **Nakayunga** (*Conjunction*), **Nakakâba** (*Interjectio*).

I. — Nakafûla (*Adverbium*).

WETEGEREZE: Ekigambo Verbo kye twayiga edda, n'ekigambo Verbium, era kye kimu. Akagambo **Ad** kwe kugamba, nti **Kumpi**. Kale nno, akagambo akatafûka akatekebwa ku verbo okufûla amakulu ge, ke kayitibwa **Adverbium**.

OKUGEZA: **Omwana** agenda *mangu*; **ayimba bulungi**. Awo **Mangu ne Bulungi**, ze adverbium, kubanga zitutegeza enkola bw'eri, bw'etuse, ova bw'ekoletedwa amangu, ova obubi.

Adverbium etegeza ki?

1/. Olusi etegeza budde, nga wano:

Lero, jjo, jjuzi, kakano, ekiro, enkyia, eggulo.

2/. Olusi etegeza kifo; nga wano:

Munda, waggulu, wampi, eri, ebweru, eka.

3/. Olulula etegeza obungi n'engeri; okugeza:

Akola nyo, nyini, ddala, mpola, mangu.

4/. Olulala etegeza okukiriza, ova okugana, ova okubûza, nga wano:

Yee, wewawo, kale, nedda, aaa, wodzi, mpodzi, beppo, lwaki, ddi? wa?

WETEGEREZE: Adverbium eyinza okubera ne complemento.

Okugeza: **kumpi n'okufa**.

II. — Nakataba (*Praepositio*).

WETEGEREZE: Ebigambo nga bibadde bigendera wamu, awo mu njogera babisiba wamu. Obubonero obwo obugattagatta obugambo, babuyita **Nakataba**, (*mu nnimi ez'ewafe Praepositio*). Eki-gambo ekyo kivvunulibwa kiti: akagambo akatekebwa mu maso g'ekirala okukigatta ne kinnakyo. Awo praepositio lw'esinga okuletebwa, okutusa complemento ey'erinnya ne eya adjectivo, era ne complemento eza verbo (ezitali ey'oluberyeberrye).

OKUGEZA:

Kabaka we Buganda

Omwana omugezi mu banne

Ndikikola okubera gwe. Vwa mu kifo. Genda eri mukama wo.

III. — Nakayunga (*Conjunctio*).

WETEGEREZE: Nga babadde bayagala okuyunga awamu embozi ezitali bugambo, awo tibeyamba praepositio, wabula akagambo ak'engeri endala akayitibwa **nakayunga**; era ge makulu g'eki-gambo conjunctio. *Okugeza*:

Omuntu yajja ewafe, n'agamba nti Ngenda, kuba obudde butuse.

Wano waliwo embozi nya, kubanga ne verbo ziri nya. Kale okuggyawo embozi esose (omuntu y'ajja), endala zonna eziddirira ziyingibwa ku ziri ezikuleembedde ne bunakayunga **na, nti, kuba**.

Conjunctio ezisinga okuletebwa mu mbozi, ze zino:

ate, ko, nti, bwe, we, nga, singa, era, wabula.

IV. — Nakakâba (*Interjectio*).

WETEGEREZE: Omuntu ng'abadde ayogera, mu mwoyo gwe muwamatukamu obugambo obutayungibwa na buli, wabula okugwira awo ng'omwoyo bwe gubuleta; era mu nnimi ez'ewafe bwe babuyita, *interjectio*, (kye kigambo ky'osùla mu birala). Kale ekikukoza bw'otyo, kwewunya, kutya, ssanyu, kusamalirira.

Obugambo obusinga okuletebwa bubuno:

O, owa, nga kitalo, abafe, kulika, awo.

GRAMMATIKA ENFUNZE

- 1/. **Grammatika** ge magezi agayiza olulimi.
- 2/. Olulimi tuluyiga nga tumanya **enukuta** eziruwandika; ate nga tuzawulamu **emperezi n'ensirifu**.
- 3/. Enukuta ez'omu luganda gali amakumi abiri mu nya, empe-rezi ttano.
- 4/. Era olulimi tuluyiga, nga twawula mu mpandika engeri z'e-bigambo.
- 5/. Mu luganda engeri z'ebigambo ziri munana, ebikulu biri bina, ate ebyo bikyuka okuvwa mu bumu okudda mu bungi.
- 6/. Okukyuka okwo kutugeza embu **z'obubonero obukyuka**, nga ziri munana, era n'olw'omwenda olulimu obubonero obwe bifo.

I. — Amannya

- 7/. Engeri z'ebigambo ezimu zitegeza amannya agatumibwa ebintu n'abantu.

OKUGEZA: **Kosma, Mukasa, Katonga, Mubende; omuti, enjovu, n'ebirala.**

- 8/. Naye amannya ago ga ngeri bbiri: waliwo **erinnya lyenyini**, n'erinnya erigwanira ebingi, lye lya **ngeri**.

OKUGEZA: **Petro, Ddaki, Koki, ago ge mannya genyini. Kasoli, omuti, ekibira, omupira,** ago ge mannya ag'engeri.

II. — Ebyongerwa ku mannya (adjectivo).

- 9/. Erinnya bw'olyongerako ekirala ekiritegeza nga bwe lifanana, ekyo bakiyita **adjectivo**. Okugeza: **Katonda mulungi; omuntu mubi.**

- 10/. Lero adjectivo kye kigambo ekyongerwa ku mannya, okute-geza obutya bwago, oba engeri yago. Okugeza: **Petro mugezi; omukazi munafu; enyumba bbiri.**

- 11/. Mu ebyo, **mugezi, munafu**, bitegeza obutya, oba empisa y'abantu abo. Naye **bbiri** kyo kibulira muwendo gwa nyumba. Lero nno adjectivo ya ngeri bbiri: **ey'obutya, n'enkomezi.**

- 12/. Ey'obutya y'egeza obutya oba empisa. Ey'obutya erina engeri ssatu ez'okutegeza obutya obwo; **obwerere, obugera-nye, n'obusinze;** engeri ezo tuziyita **Madala** agambusa amakulu.

13/. **Enkomezi** ziri ttano, zezino :

- a/. Etegeza **omuwendo**: *ensimbi èmu, abana kkumi.*
- b/. Etegeza **obwananyini**: *ensimbi yange, abana bamwe.*
- c/. Etegeza **okulaga**: *ensimbi eno, abana bali.*
- d/. Etegeza **okubùza**: *ensimbi ki? abana bameka?*
- e/. Etegeza **obutatusa**: *ensimbi ezimu, abana abalala.*

III. — Ebisigirwa mu kifo ky'amannya
(Pronomen)

14/. Erinnya bwe litabawo, omusigire gwe tuyita **Pronomen** =
(Nakasigirwa).

OKUGEZA : **Nze nkuletera emirembe**. Awo, **N** ekutegeza omuntu ayo-gera, **Ku** ekutegeza omuntu abyulirwa.

15/. Awo nakasigirwa oba pronomen kye kigambo ekiba mu kifo ky'erinnya.

16/. Era pronomen za ngeri bbiri: **eya persona, n'enkomezi.**

17/. Eya persona etegeza mirimo gy'ebintu oba egy'abantu mu mbozi: emirimo egoy tugiyita Persona (muntu).

18/. Persona ziri ssatu: emberyeberrye etegeza omuntu oyo **agamba**; ey'okubiri etegeza omuntu **agambibwa** (gw'obulira); ey'okusatu etegeza omuntu **agambibwako** (gwe bôgerako).

19/. Persona ezo ziri mu mbu z'amannya; naye mu lwa **Mu-Ba** mwe muli zonsatule; mu mbu endala mulimu ya kusatu yokka.

20/. Persona ezo tuzitegerera ku bubonero bwazo bwe tuyita pronomen.

21/. Pronomen eza persona zirimu engeri bbiri: **ennamba ne ez'ebitundu.**

22/. Mu z'ebitundu bawulamu engeri bbiri: **ezitwala embozi, n'ezitusa amakulu.**

23/. Pronomen eza subjecto bwe tuzissako emperezi esoka, zifûka **ntabi**; subjecto ennamba bwe tuziwerera E, zifûka **ntabi entwelibwa.**

24/. Awo pronomen entabi, y'elaba erinnya ku verbo. *Okugeza:*
Omukazi eyazala omwana; omwana gwe bazala.

Kye tuyita pronomen enkomezi, kye kimu ne adjetivo enkomezi, wazira ng'ekizawula kiii kimu, kye kino: enkomezi bw'e-ddirira erinnya, awo tugiyita adjetivo ; naye erinnya bwe litabawo, awo kwe kugiyita pronomen.

IV. — Ebyogeza embozi

25/. Verbo kye kigambo ekitegeza enkola oba embera y'erinnya; ate kye kikakasa ng'obutya busanidde erinnya, oba nga tibilisanidde.

OKUGEZA: Katonda ayagala abantu. Abantu bali mu nsi. Omwana aliba mulungi.

WETEGEREZE: Kye tuyita **enkola**, kye kikolwa ekikolebwa mu verbo; ate **embera**, ye ngeri y'ekintu oba ey'omuntu gy'alimu.

26/. Verbo etegeza enkola, tugiyita **Nkozi**; ate etegeza embera, tugiyita **Mbezi**. Awo ezo ze ngeri ebbiri enkulu eza verbo.

27/. Naye embezi ekakasa obutya, yo eri emu, gye tuyita **Enjerere**, ye yino: **Kuba**, **kubera**. Ate enkozi bwe tugsulika, awo efuka **Nsulifu**. *Okugeza: Kukola = Kukolebwa.*

28/. Lero nno, engeri za verbo ziri nya, zizino:

a/. **Enkozi** etegeza okukola: *Okugeza: kulima.*

b/. **Ensulifu**, eyo ye nkozi ensulike. *Okugeza: kulimibwa.*

c/. **Embezi**, etegeza mbera yokka. *Okugeza: kutula.*

d/. **Enjerere**, ekakasa obutya bwa subjecto: **kubera**

WETEGEREZE: Ng'osanze verbo erina obubonero bw'ebifo, nga buli ebbali n'ebbali, ogiyitanga verbo ya kifo, ng'eno: **Waliwo omulenzi**; **eyo yajjayo abatemu**. Awo verbo ey'ekifo, ye verbo eterina pronomen ndala wabula ez'obubonero obw'ebifo; era subjecto yayo ebera mu maso. *Okugeza: Ku muti kuguddeko ennyonyi.* Nnyonyi ye subjecto.

29/. Verbo tugitegerera ku kabonero **Ku** akagisoka; ate era oba nga kye kigambo kye tuyinza okussako pronomen eza persona.

30/. Okussako pronomen ezo, kwe bayita **okwanjuluza** verbo.

Awo okwanjuluza verbo, kwe kugissako pronomen eza persona, nga tugenda tukitambuza mu njogera ne mu budde.

31/. **Enjogera** ye ngeri y'okwogereramu enkola oba embera.

32/. Enjogera ziri ttano, ze zino:

a/. **Embulizi**, ebulira enkola oba embera ng'ekolebwa.

b/. **Enbibwa**, etegeza ng'enkola erina ekigirayira okubawo.

c/. **Endagizi**, erimu okulagira okukola.

d/. **Entwalibwa**, etegeza ng'enkola erina ensonga egibesawo.

e/. **Entawererwa**, ye nkola mu bbanga; eriko akabonero **Ku**, oba **Bu**, mu buganyi.

33/. Obudde lye bbanga erikolerwamu ekikolwa; obudde obwo bwa ngeri ssatu: **obuliwo**, **n'obwayita**, **n'obulijja**.

Okunyyonnyola ebigambo bya Grammatika, bakuyita **Kuyungulula**. Okuyungulula kye kitegeza engeri y'ekigambo n'omulimo gwakyo.

V. — Emirimo gy'ebigambo

Ebigambo bikola emirimo etano mu mbozi, emikulu giri esatu gye gino:

- a/. Ogwa **nanyini nkola** (subjecto). *Okugeza*: Petro atunda; Yoanna ne Yakobo bavuba.
- b/. **Ogw'okutusa amakulu**. *Okugeza*: Petro atunda taba.
- c/. **Ogw'okuterwa ku subjecto**, oba ogw'obutya obukakafu, (= attributo =). *Okugeza*: Omwana aliba mugezi.
- d/. **Ogw'okukubirwa ku linnya**, (= apposito oba kikubirwa). *Okugeza*: Kabaka Daudi, omusajja Kintu.
- e/. **Ogw'okuyita** (kakowole). *Okugeza*: Ayi Katonda wange! Obadde ki, baba?

Naye omulimo ogw'okutusa guba mu bigambo bisatu byokka:

- 1/. Olusi ekigambo **kitukiriza linnya**, ne kiba complemento y'erinnya. *Okugeza*: Omwana wa Katonda. Omwana omuganzi mu banne.
- 2/. Olusi **kitukiriza adjectivo**. *Okugeza*: Omwana omuganzi mu banne.
- 3/. Olusi **kitukiriza verbo**. *Okugeza*: Katonda alamula abantu.

Era ebigambo ebitusa amakulu ga verbo nabyo bya ngeri ssatu.
1/. Waliwo ekitegeza **kye bakola**, kye bayita eky'oluberyebe-rye. *Okugeza*: Fundi atimba enju.

2/. Waliwo ekitegeza **gwe bakolera**, kye bayita y'ebballi (Indirecto). *Okugeza*: Fundi azimbira omwami enju.

3/. Waliwo **ebitegeza ekifo, obudde, olunaku, ebbanga...**
gye bakolera, ebyo bye bayita bya nsonga (Circumstantiale).
Okugeza: Kitafe ali mu ggulu; omulenzi atundira mu katale.

ENYONGEREZA

OKUTONNYEZA

Omugaso gwakwo mu kuwandika ne mu kusoma.

WETEGEREZE: Okutonnyeza kwe kuwandika obubonero obutono obwawula ebitundu by'embozi empandike. Obubonero obwo bwawula obubozi obutufu, era n'ebigambo ebitayagala kugattibwa, era newakubadde obutundu obw'obugambo obwagala okwawulibwa. Ate obubonero obuttonyeezebwa bwawula n'ebifo ebiwummulibwamu mu kusoma.

Obubonero obuttonyeezebwa bugasa nyo okwerula amakulu ag'ebigambo. Omuntu atatonnyeza n'akatono, tategerekeka. Mpodzi banatebereza butebereza ky'agambye. Era n'attonnyeza óbubi, ayinza okuwubya, kuba amakulu ag'akabozi akamu olusi gafûka, ng'obubonero obuttonyeezebwa bukyuse. Okugeza :

Kalema, ng'amaze okugoba Kiwewa, n'afûka kabaka we Buganda.

Kalema ng'amaze okugoba, Kiwewa n'afûka kabaka we Buganda.

Mu bigezo ebyo byombi, newakubadde ng'amakulu si ge gamu, ebigambo obugambo bye bimu: naye entonnyeza yokka y'efûla amakulu.

Mu kigezo ekiberyeberrye, tutegera nga bwe kyali, nga Kalema yasoka kugoba Kiwewa, n'alyoka afûka kabaka we Buganda.

Ekigezo eky'okubiri, kyo, kyagala kutegeza nga Kiwewa ye yafûka nanyini nsi, nga Kalema amaze okugoba olutalo lwe; so nga si bwe kyali.

Kale nno, omuntu omugezi eyamaliriza omulimo ogw'ebitabo, basinga kumutegerera ku ekyo, ku ntonnyeza.

Awandika ebaluwa, ne bw'asimba obulungi oluganda, era ng'awandika n'ebirungi ebiwoma, naye kasita alema okutonnyeza, ayitibwa muyiga.

Asoma mu kitabo, bw'aba nga tiyetegeredza makulu ga butonnyeze, talema kuwubwa na kusesa banne.

Anti bw'abûka obuttonyeeze bwonna, ng'afanana ng'atabutekako liso; aba nga gwe bagoba embiro: tawummulako. Embiro gye zikoma, era w'assiza n'omukka; so ng'embozi teweddeyo, ate n'abamuwlira abakoya nyo, olusi ne mu kusoma kwe, tibabako ke bakwatamu.

Bw'aba nga tamanyi butonnyeze, so nga yetaga okuwummula, awo w'asanga w'awummula, n'awatasanye wonna. Ebyagala okugendera awamu, ye agenda abisalasalamu ; ate ebyetaga okwawulwamu, ye agenda abigattagatta, era ng'omunanagize bw'agira.

Ku ekyo kwe mutegerera ng'okutonnyeza si mulimo gugayibwa bugayibwa, ate si mulimo mutono. Guyigibwa; kye tuvudde tuleta amateka gagwo, ge gano.

Obubonero obuttonyeezebwa buli mukaga :

Akasale (,) — n'Akatonnyeze wamu n'akasale (;)
— n'obuttonyeeze obubiri (:) — n'akatonnyeze akerere (.)
— n'akatonnyeze ak'okubuza (?) — n'akatonnyeze ak'okukaba (!)

Naye waliwo obubonero buno obuna, obuyamba okulabisa amakulu g'ebigambo. Batera okubumenyera mu butonnyeezebwa, bwe buno :

Obukomera () ; — n'Obujula « », n'Akakoloboze (—)
n'obuttonyeeze obw'okwtangira (....)

I. Akasale (,)

Akasale ke kasirisa akabanga akasinga obutono. Akasale ke katonnyeze akasinga omuwendo mu mbozi, okugisalamu obulungi, ke kasinga n'okwayambibwa enyo. So kizibu okutonnyeza awasana.

Akasale bakeyamba bwe bati :

1/. Okwawulamu ebigambo eby'engeri emu ebiri mu mbozi entufu. *Okugeza :*

Ebantu, ekitibwa, essanyu, byonna biyita buyisi.

Omulamuzi w'abantu ayagala kubera wa manyi, na wa kisa, na mwegendereza.

Ku lunaku olw'okuna, Katonda yatonda enjuba, n'omwezi, n'emmunyenye.

Okwagala kulina ekisa, kugumikiriza, tekunonya byakwo.

Omusomesa ayigiriza, akyamula, akomako.

2/. Okwawulamu obubozi obwesibye ku kigambo ekimu okutusa amakulu gabwo. *Okugeza :*

Ensi gye wazalirwamu, gye wakuliramu, omusigadde n'abakwagala bona, ogyerabira ddi ?

3/. Okwawulamu obubozi obungi obugendera awamu, buli kabozia nga kabaddé ketwala kokka. *Okugeza :*

Okwekuza kuzimbulukusa, kukaliza, kusiriwaza.

Empewo n'ekunta, eggulu ne limyansa, amayengo ne gawuluguma, eraddu n'e-bwatuka.

4/. Okwawulamu obubozi obubiri, nga nanyini nkola tabadde omu, oba nga obubozi obwo bwawukanye, buli kaboz i okugenda obwako.
Okugeza:

Omuntu amala gatesa, naye Katonda y'amutesereza ddala.
 Wante n'aba wa kyejo kingi, naye wampologoma yali mutefu.

5/. Buli kigambo ekivwawo, amakulu ne gatafa, kitekebwa wakati w'obusale obubiri. *Okugeza:*

Obunafu, omanyl, buzâla ennaku nyangi.
 Omuntu, eyatonderwa ku kifananyi kya Katonda, alina omwoyo ogutafa.
 Omulipo, ogubera ogw'etteka mu bantu, guzâla essanyu.

6/. Era newakubadde ng'ekigambo kiri tikiyinza kuvwawo amakulu ne gatafa, oba kiyinze obuwantu, awo gye kikoma batonnyezayo akasale, kwe kuwummulako. *Okugeza:*

Omwana, bw'ategera nga bona hamutya ate nga bamugondera nyo mu buli kye yetaga, edda zirimusanga.

7/. Akakowole, anti omuntu gw'oyita, nawo wabawo akasale. Akakowole bwe kasoka mu mbozi, we kakoma batonnyezawo akasale. Bwe katekebwa mu mbozi wakati, awo bakateka wakati w'obusale bubiri. *Okugeza:*

Bavubuka mwe, mulowozenga ebirijja.
 Njazika ekitabo, munrange, nsomeko.

8/. Ekigambo nga kisirisiddwa, awo okukitegeza, mu kifo kyakyo badzamu akasale, n'olyoka owummulako, abantu kwe kumanya.
Okugeza:

Ebifo bya Katonda sibisigala bwerere: Samueli yadda mu kifo kya Eli; Daudi, mu kya Saul; Matia, mu kya Yuda.
 Omuliro ogutazikira kye kifo ky'abavumirire; Purgatori, kye ky'ababonerezebwa.

II. Akatonnyeze ku kasale (;)

Akatonnyeze ku kasale kaletebwa okwawulamu ebigambo eby'o-luse olumu ebiwanvuko. Kasinga okubyawula nga bibaddemu ebitundu ebyawuliddwa na kasale. *Okugeza:*

Omwoyo gw'omuntu gusoka okwetekeratkeru obulamu, nga gukkiriza Katonda bye yatubulira; gubusemberera, nga gusubira Katonda bye yatusubiza; naye gubufunira ddala, nga gwagala Katonda.

Era laba n'ekigezo ekiri n. 8, (Ebifo)

Asoma mu kitabo, akatonnyeze ku kasale kasanidde okumuwumuza akabanga akawerako. So tawummula nyo, abawulira baleme okulowoza nti Mpodzi embozi ekomye.

III. Obutonnyeze obubiri (:)

1/. Obutonnyeze obubiri busoka ebigambo ebijulirwa. *Okugeza:*

Ibraimu yagamba nti: Nze nnayogera ntya ne Katonda, nze enfufu n'evvu.

2/. Ate obutonnyeze obubiri busoka ebimenyebwa. *Okugeza:*

Empisa ennungi ezisinga mu bakristu ziri ssatu: okukkiriza, okusubira, n'okwagala.

WEKKANYE: Ebimenyebwa bwe bisoka, obutonnyeze obubiri bwe bubiddirira. *Okugeza:*

Okukkiriza, okusubira, okwagala: ezo ze mpisa ennungi essatu....

3/. Ekigambo bwe kinnyonnyola skirala, oba nga kikikakasa, bayawuza butonnyeze bubiri. *Okugeza:*

Olekanga okwogera ng'olimu obusungu: oyinza okusabala mu budde obw'omuyaga?

Alya ku kirungi tamala: bw'olya ensonzi osula mu kitôgo.

Enyongereza teba ntono: oluwandaggirize ku nyanja.

Bukadde magezi: takubulira kyamukaddiya.

Emmeme katale: ky'esima ky'egula.

Asoma mu kitabo n'asanga obutonnyeze obubiri, awummulako akabanga nga kali, naye enjogera efûkako, ne bategera ng'agenda kuleta kigambo kya muwendo.

IV. Akatonnyeze akerere (.)

Akatonnyeze akerere kayawula obubozi obutufu. Akabozi kabera mu oba ekigambo ekimu ky'amakulu amatufu, oba ebigambo ebingi ebyegatta okutusa amakulu agamu. *Okugeza:*

Ebirungi birekwa. Awawwa munno tiwadda munno. Eyalumanya y'aluggya mu mwandu.

Ekiwummulo ekitegezebwaa akatonnyeze akerere, kye kisinga byonna .

V. — Akatonnyeze ak'okubûza (?) n'ak'okukâba (!)

1/. Akatonnyeze ak'okubûza (?) kafundikira obubozi obubûza. *Okugeza :*

Osibye otya? Ensimbi emu y'ekuyombya?

2/. Akatonnyeze ak'okukâba (!) kafundikira obubozi bwonna obulimu okwewunya, n'okuwunikirira, n'okusâsira, n'okusanyuka; ate kaddirira obugambo buli bwe bayita naka kâba. *Okugeza:*

Ab'ekisa nga bazibu! Ng'olabye! Mukulike nyo! Ayi! Owa!

Obubonero obulabisa amakulu g'ebigambo.

1/. Obubonero bulimu engeri bbiri:

Akakomera () ke kawula ebigambo ebiri wakati w'akabozı, okutegeza nga si byamu ddala. *Okugeza*:

Munnabwe bâli bamuyita erinnya lye lye bâli bamanyi (bandimuyise batya) ye ng'a-sunguwala.

2/. *Obujula* « » bwe bubonero obusoka ebigambo ebijulirwa era ne bubifundikira. Olusi ebigambo ebyo bwe bikwata ennyiriri enyingi, buli lunyiriri lusokebwako akajula.

3/. *Akakoloboze* (—) omulimo gwe kasinga okukola, katekebwa mu kifo ky'obugambo buno: Ono n'agamba, nti, oli n'addamu nti, nga babuliragana babiri na babiri. *Okugeza*:

Awo mmulamusá bulungi nti: Otyanno? — Aaa. — Osuze otya? — Bulungi, nawe osuze otya? — Nasuze omutwe gunnuma...»

4/. *Obuttonyeze* obw'okwetangira butegeza ng'obugambo obuli mu mwoyo sibwogeddwa bwonna. *Okugeza*:

Naye ate gwe... Nayé nalazana okusirika.
Bw'oliba odzemu ogw'okubiri...

AMATEKA AG'EMPANDIKA

Abazungu okujja mu Buganda, oluganda nga lwogerwa bwogerwa, naye nga tirunnaba kuwandikibwâ.

Obutawandikibwa obwo, ensonga zabwo nyangu, anti Abaganda okubulwako enukuta ze beyamba okukuba ebirowozo byabwe.

Awo Abazungu bwe bâtegera ng'oluganda lwanguwa nyo, nga sirukalubirira lulimi, ne bageza okuluwandikako. Kadzi nga balabye ng'enukuta z'ewabwe zirusobola, nga zitusa n'enjogera okugyenkanyankanya.

Buli kigambo bâkissangako okutu okukyetegeze nga bwe kivuga mu kukyatula; awo nga bwe kyafanananga mu njatula, ne baki-kuba bwe batyo.

Omulimo ogwo tigwaggwa lunaku lumu. Bwe beyongerako okwekkanya, era n'okuyiga empisa z'oluganda. era ne beyongera n'okulongosa.

Kale wano, titugenderedde kuyigiriza Baganda kye bamanyi, wabula okunynyonyola ensonga entonotono ez'amagezi ze tusinzirako okukakasa empandika emu.

Ensonga zizino :

- 1/. **Waliwo ezaleta w ne y mu bigambo.**
- 2/. " **ezawuza l ne r.**
- 3/. " **ezawuza ebigambo kinna kimu mu mbozi.**
- 4/. " **ezaleta akabonero kano (') mu bigambo.**
- 5/. " **eziggumiza enukuta ezimu okuzifula ez'emiko ebiri.**

I. — Ensonga ezaleta **w** ne **y** mu bigambo.

Mu kigambo wakati emperezi (a, e, i, o, u) tizirirana. Naye bwe ziba nga zisisinkanye, awo bazawulamu nga bassa wakati wazo enukuta *y* oba *w*, era ng'enjogera bw'esimye emu ku zombi.

Wewawo olusi enukuta ezo *y* ne *w* zifanana ng'ezitaliwo ku lw'obutawulirwa bulungi. Naye era ekisinga, kwe kuziwandika buli jjo. Awo ensonga zafe zizino :

1/. Oluganda lutulagira bwe lutyo, nga lusitula ebigambo okubivwisamu ebirala.

OKUGEZA : Waliwo ekigambo — **kuzâwa** — Mu kuzâwa, fenna tuwuliram w, kye tuvwa tuwandika bwe tutyo, ne watabawo awandi-

ka: **kuzâa.** Kakano bwe tuleta akagambo: **kuzâwula**, bwe tunakirwanika, newakubadde tituwuliramu w, kubanga kya luzalwa lumu.

Era ensonga eyo y'enempandisa: **kwetowaza** (**to-wala**), **kusonyiyisa** (**ku-sonyi-wa**), era n'ebirala.

2/. Ensonga endala etukoza etyo, ye eno:

Waliwo bingi omuntu by'abûsabûsako, n'atategêra mangu nga bw'anabiwandika. Naye bw'abigeranya n'ebirala ebyaggwawo edda okuwandikibwa engeri emu, awo engeri eyo gye biwandikibwamu, y'enemutegeza nga bwe kimusanidde n'okuwandika bino.

OKUGERANYA :

Lubawo	ne	okubawo w'ali.
kwawula	"	kuzâwula.
kukowola	"	kukowolokoka.
kuwawula	"	ekikolo kyakyo: luwawu.
ndogoyi	"	kugoya bugoyi.
Ndawula	"	Mutawuna.
Okwegayirira	"	kugâya ne kwegâyira.
musayi busayi	"	kusâwa busâyi.
katayi butayi	"	kutawa butayi.

WETEGEREZE: Ebigambo ebiri ku ddyo si bye bizala ebiri ku kkono, anti nga si bya luganda lumu. Naye kasita empandika yabyo yakala dda, teriko mpaka. Awo nno y'etusalidde amagezi ag'okuwandika n'ebirala eby'ekifananyi ekimu na byo.

II. Ensonga ezitwawuza I ne r.

Mu luzungu, *l* ne *r* zawukanira ddala mu njogera ne mu mpandika, era mpawo na muntu awubwa kuzitabulatabula.

Naye mu luganda, ziringa enukuta emu: ye *l*; *r* esinga kubera ya Bunyoro. Bw'ovwa e Buganda n'ogenda e Bunyoro ne Nkole, enukuta eyo egenda nga yeyongera amânyi.

So ne mu Buganda olusi *l* eba ya nampawengwa, nga teriko gy'esimbira bulungi. Abazungu kye baywa bawubwa enyo ku ekyo, ne batabulatabula okubulwa etteka ekkakafu kwe banasinziranga okwawuliramu ddala.

Awo nno, newakubadde ng'enjawulo terabika nyo, era waliwo enjatula etesâna, Omuganda gy'ataleta. Kale eyo gye tunayimako okuleta etteka.

Omuganda tagamba: **kukora**, **kukara**, **kukûra**, **rusuku**, **ruganda**, **bigele**, **kukela**, **kukila**.

Awo tunagamba era tunawandika tuti:

Enukuta esoka ekigambo eñeba l. Ate l y'enewandikibwa ng'eddirira a, o, u. Naye bw'eba ng'eddirira e, ne i, ewandikibwa ye r.

Okugeza: Lumbe. Lusuku. Kukala, kukola kukula, kulwana, yali, kiri kirungi, erigenda, mubiri, kigere, kukera, kukira, afuluma, erinnya. Linnya, bulungi, muwulu,

III. — Ensonga ezitwawuza ebigambo kinna kimu mu mbozi.

Mu nnimi zonna, mulimu ebigambo ebiretebwa enyo mu mbozi, empisa nga yakwata ey'okubigattagatta mu mpandika nga bwe babyanguyiriza mu njogera.

Ne mu luganda mwe biri, nga: **ewala, ebweru, eruyi n'eruyi, emabega, wewawo, munda, wansi, waggulu, kungulu, nange, nawe, nanyinimu, newakubadde**, era n'ebirala bwe bityo: Ate waliwo obufundikirwa bubuno: **mu, ko, yo**, obusibwa ku kigambo ebitegeza ekikolwa. *Okugeza: Kuju-lamu, kussako, kugendayo; kubauga obwo busanidde okwegatta n'ekigambo kye bafula amakulu.*

Kale okuggyako ebyo, buli kagambo kasanidde okwawulwa n'okuwandikibwa obwako nga bwe bakola mu nsi zonna. Ekyo si kya kuwakanyizika.

Ne mu luganda kye tuvwa tuwandika tuti.

Omwana wange, omusawo gwe yali awadde eddagala erya kawumpuli, yafira jjo mu kyalo.

Anti bwe banagattagattla batyo, mpawo kinalugâna na kugallat-gatta n'ebisingawo, oba bitano biramba. Era bwe twakola edda olusi, nga tuwandika tuti:

Emikisa egymubyomwoyo.

Ekigambo ekyo kubanga kirimu enukuta 14 n'obugambo obulumba buna, era sikireme na kusiriwaza abakasoka, era n'okusobera abayiga edda. Ayagala okuyiga Grammatika enganda, ng'ewandikiddwa etyo, alirwawo nyô, era aliwubwa na nyô, era n'oluzungu talirwanguya.

Nafe engeri eyo kye tuvwa tugirekayo. Lero tuwandika tuti: **Emikisa eg'omu by'omwoyo**, era nga bwe twandiwandikidde mu lungerezza, kubanga okuwandika, kwe kwerula obulungi ekirowozo, so si kuyisiza banno lugero.

WETEGEREZE: Mu luganda ekigambo kifundikirwa mperezi. Awo nno omuntu bw'atuka ku lupapula gye lukoma, n'atafunayo bbanga Iya kumalirayo kigambo, akikutule bulungi. ng'afundikira n'empe-

rezi, n'alyoka atekayo akabonero kano (-) awo n'adda ku lunyiriri olulala.

IV. — Ensonga eyaleta ákabonero kano (') mu bigambo.

Emperezi ebbiri nga zisisinkanye mu kigambo, amagezi si mazibu. Twalaba mu Grammatika nga batta enukuta emu, ate ne bassako ku ndala akabonero (') balyoke bategere nga wabaddewo enukuta ebulidde mu ginnayo.

Kye tuvwa tutawandika : **Abaana abaeru baagenda; twaziokya; siogeranga.**

Naye tuwandika : **Abâna abêru bâgenda, twazôkya, sôgeranga.**

Naye emperezi bwe zisisinkana nga tizibadde mu kigambo kimu, awo beyamba akabonero kano (') ne kalyoka kadda mu kifo ky'emperezi ebadde ekomereddyeo, gye basse.

Okugeza: Ob'oyagala, ng'odze.

Mu nnimi zonna lwe betaga omulimo ogwo, akabonero (') ke beyamba, ko ne katabako makulu malala.

Awo ne mu luganda bwe tuyisa, era nakyo kigasa nyo, anti olw'obutafuna bigambo bitakoma.

So buli awali okusisinkana okw'emperezi ebbiri, si bwe bakola, wazira mu bugambo obumpi, ate obumanyiddwa enyo, buli mutu bw'atayinza kuwubirwa. Bubuno tubulese wano :

Enyumba y'omwami, (ya omwami); omwana gw'okubye, (gwe okubye); tunamubûza ng'adze, (nga adze); ab'omu kyalo; ab'oku kibuga; ab'okumpi; eby'omunda; eby'okungulu; ab'ewala.

Wewawo tuyinza okuwandika : **yomwami, gwokubye, ngadze, abomu, aboku,** era n'ebirala. Naye engeri eyo kye tugivunanako, bwe butayerula mangu makulu ga bigambo ; ate ob'oli awo n'ewanvuyiriza ebigambo okuyinga.

WEKKANYE bibiri: Tuwandika tuti : **Yagenda e Rubaga; tulina ebbanga;** ne tutatta a mu kugenda, ne mu tulina, kubanga kugenda ne tulina si bugambo butono.

Newakubadde ng'omuntu ayogera ati ng'ayanguwa : **Omusajj'oyo, omwan'oyo, ebigamb'eyo;** era si bwe tunawandika, naye tunatusa buli kigambo.

Anti mu nnimi zonna mulimu okwanguyiriza ebigambo mu kuyumya; naye abawandika, kubanga balina ebbanga nga bawandikira amâso, awo nno batusa byonna.

V. — Ensonga eziggumiza enukuta ezimu okuzifûla
ez'emiko ebiri.

WETEGEREZE : Enukuta zonna zawulwamu engeri bbiri: emperezi n'ensirifu.

A) *Emperezi* ziyanza okwatulwa mu ngeri bbiri.

Endala *zanguwa*; naye ku ndala *balwisako eddobozi*.

Kale geranya *kubola* ne *kubôla*, *kulima* ne *kulima*, *kusika* ne *kusika*.

B) *Ensirifu* era nazo ziyanza okwatulwa mu ngeri bbiri.

Endala *zanguwa*, endala *ziggumira*.

Kale tegerera ku zino: *kuba* ne *kubba*, *kugula* ne *kuggula*, *kuta* ne *kutta*.

Awo nno ku mperezi tulina etteka lilino: kwe kugissako *akabonero* buli lwe batera okubuza amakulu nga balemye okukola bwe batyo. OKUGEZA :

<i>Okufuka ettaka,</i>	n'okufûka obulala
<i>okusima enju,</i>	n'okusîma omulimo
<i>okusika omuguwa,</i>	n'okusîka emmere
<i>okusula ejala,</i>	n'okusûla ekintu.
<i>Okukula obukuzi,</i>	n'okukûla erinnyo.
<i>okubika omufu,</i>	n'okabîka amagi
<i>okumala enju,</i>	n'okugimâla
<i>okunyiza eminyira,</i>	n'okunyîza munno
<i>okusiba omubbi,</i>	n'okusîba ejala
<i>okusera emmere,</i>	n'okusêra mu buguzi
<i>ebikata bya lumonde,</i>	n'ebikâtâ ebya kabotongo.

Era n'ebirala bingi bwe bityo ebiyinza okuwubisa omuntu eyakayiga oluganda, newakubadde Omuganda yenyini atamanyidde kusoma. Kale ebyo bya kutegezebwâ mu mpandika.

Ensirifu eziggumira mu njatula.

C. *Obuzibu buli ku njogera ey'amanyi.*

WETEGEREZE: Mu luganda mulimu enjatula ey'amanyi; ekyo sikiwakanyizika.

Anti Omuganda *ng'asogola* *omwenge*, ate *ng'asoggola* *lumonde*; *n'ata omubbî* gwe babadde basibye, ate *ng'atta ente*; *ng'asa obutta*, ate *ng'assa omukka*; *ng'ajula* mu misango, ate *ng'ajjula* emmere mu ntamu.

<i>ebibo bifanana bitya?</i>	(<i>bibo</i> <i>oba</i> <i>bibbo</i> ?)
<i>omutemu banamuta.</i>	(<i>kuta</i> <i>oba</i> <i>kutta</i> ?)
<i>kabaka anakuta</i>	(<i>anakkuta</i> , <i>nandiki</i> <i>anakutta</i> , <i>oba</i> <i>anakuta</i> ?)

Oba kiri bwe kityo, enjawulo esanidde okubawo ne mu mpanika, oli asoma aleme okuwubwa n'okuwubya banne. Era so ne mu nsi zonna, empisa ey'okufula enukuta ez'emiko ebiri yakwata dda, ng'enjogera ebadde ekyetaga.

Abalatini kye bavva bawandika bati: **Eloquentissimus, mittebat, successor, professio**, era n'ebirala nkumu.

Abangereza kye bavva bawandika bati: **To follow, to fill, happy, to settle, fellow, struggle**, era n'ebirala; so emirundi mingi enjatula terabika nyo nga ya manyi.

Abaswayiri nabo kye bavva bawandika bati: **Killa, marra, sina budi, burre**, era n'ebirala, So si bingi nyo, kubanga olulimi lwabwe lunafu.

Awo amateka ag'obuggumivu mu luganda gagano:

Emirundi mingi enukuta ez'obuggumivu ziragirwa empisa ze nyini ez'omu luganda (Grammatika). Omuntu ow'amagezi amayi ensonga, tayinza kuleka nukuta za miko ebiri obutaziwandika.

A. Empisa esoka ye y'amannya.

Mu lubu olwa **Li-Ma** (liso maso), ne mu lwa **N** (mmere), ne mu lwa **Lu-N**, amannya era n'ebigambo ebyongerwa ku mannya (adjectivo), galina etteka eritajjulukuka.

Ensirifu ebbiri nga zisisinkanye, endala ng'ebadde ya mu kikolo, endala nga ya mu kabonero, awo ziba bwe ziti:

Ekikolo kiremerawo, kisigalira ddala kirambirira (nga bwe bakitegera nga badzidza ekigambo mu lubu lwa Ka-Bu); *ne balyoka bakissako akabonero ak'olubu* (l, oba d) Naye akabonero ako kafuka era ng'amateka ag'obuwewevu bwe gali; era olusi n'ekikolo kye nyini nakyo kiwewera.

OKUGEZA :

Li - Ma

ka-sanyu	s-sanyu
ka-sabo	s-sabo
ka-vivi	v-vivi
ka-kubo,	k-kubo
ka-yinja	j-jinja
ka-wanga	g-gwanga
ka-gumba	g-gumba
kà-liba	d-diba
ka-fumu	f-fumu
ka-gi	g-gi
ka-lobozi	d-dobozi
ka-lungi	d-dungi
ka-zike	z-zike
ka-nyama	n-nyama

N.

ka-mere	m-mere
ka-limu	nnimu
ka-mondo	m-mondo
ka-bundu	m-mundu

N.

ka-lumba	n-numba
ka-naku	n-naku
lu-bengo	m-mengo

Lu - N.

lu-muli	m-muli
---------	--------

Naye tuwandika ka-yumba nyumba, ka-yanja n-yanja, ka-yana n-yana, ka-yinga n-yanga, ka-yimba, nyimba.

B. Empisa eyokubiri ye y'ebigambo ebitegeza ebikolwa (verbo).

Ensonga yino: Olusi pronomen (ye musigire w'erinnya) *n* oba *m* eddirirwa *n* oba *m* ey'okubiri; awo tiwalema kuba nukuta ya miko ebiri.

OKUGEZA: **N-nyize**; **ya-n-nonda**; **m-maze**; **an-nyimye**.

Okumala. — Kakano tusigazidza ensonga emu yokka, ye **y'e-nukuta eziggumiza ku lwazo**. Antli twagambye dda nga mu nnimi z'abantu tizitera kubulamu. *Ezo zisanidde kubera za miko ebiri*.

Naye newakubadde ng'abantu bona bakkiriza ekyo, era tibalema kusoerwa nga batuse ku bigambo ebimu, kubanga babulwa eky'ensonga kwe bayima okusala omusango. Omulala bw'awulira okuggumira, omulala agamba nti Kwesigamwako bwesigamwa. Empaka nzibu okumala; awo kwe kuleta amateka gano agannonyonyola. Bw'oggyako ebinawandikibwa wano, awalala wanno enukuta eziggumiza zinawandikibwa za miko ebiri.

1/. **Ebigambo ebitali bya luganda** bilawandikibwanga nga bwe biri mu lulimi lwabyo, kubanga lye tteka mu nsi zonna. Buli jjo Abafransa baggya ebigambo mu Lungereza, era n'Abangereza baggya bingi mu lufransa; awo newakubadde ng'enjogera yabyo erema okutusa, era bamala gabiwandika nga bwe babisenze mu lulimi lwabyo.

Era nafe ye nsonga enetuwendisa tuti ebigambo ebiwva mu **lulatini** ne mu luswayiri:

Sakramantu, Dominika, missa, vini, dini, baluwa, feza, kanzu, meza, nema, sala, ta-waza, pamba, chupa, sanduku, sawa, dakika, sepewo, n'ebirala.

Waliwo ebyayingira edda mu luganda, ne bifilibwafulibwa mu njatula y'Abaganda; ebyo tumala gabiwandika ng'Abaganda bwe babyatula, kasita ng'enukuta ebisokako tewandikibwa miko ebiri. *Okugeza: bwino (wino), tanulu (tanuu)*.

Ebigambo ebiwva mu **lungereza**, byo bisanidde okuwandiki-bwa nga bwe biri, newakubadde ng'enjogera enganda yabisula dda. *Okugeza: Judge (joje); motorcar (motoka); mile (mayilo); yardi (yadi); mail (meri); post (posta); bicycle (basikolo); era kwe bategerera omugezi enyo eyayiga okumaliriza, ng'atusa bulungi empandika eyo.*

Amannya aga Batismu, kubanga nago si ga mu luganda, ga kwengendereza.

Naye kubanga gayinze obungi, awo ganakolebwa bwe gati:

Enukuta bw'eteba mu luganda, awo badzawo endala. Awo, C, X, CH, Y (ng'evuga nga i enjerere), zifuka S, ks, oba kz, k ne i.

Naye kubanga ennimí ez'ewafe za mānyi, nga tizigāna mperezi kulirāna, awo baziriranya. *Okugeza*: **Maria**.

Bwe gafundikirwa enukuta ensirifu nga s, bagafundikira n'e-mperezi a, o, e, anti emperezi eya ablativo.

Okugeza: **Karoli, Gregorio, Anyese**.

2/. **Obugambo** **nyo**, **nyini**, **nyuma**, **sa**, **se**, **na**, **nya**, obusangibwa mu bigambo bino: **Salongo**, **sebo**, **nalongo**, **nyabo**, tibuba bwa miko ebiri. Naye banawandika: **Bannabuddu**, **bannabikira**, kubanga ebigambo ebyo bivwa mu **Munno**.

3/. *Pronomen fe*, era n'ebigambo ebirala ebisibukamu, nazo te-zibengako miko ebiri. Lero enukuta f ne nukuta v era olusi zi-vuga bulala; abalala kwe basinzira okwagala okutekawo enukuta ebbiri, so nga si za nsonga.

4/. Banayawulanga mu mpandika **zzadde**, ne verbum enkoza (**kugezza**, **kukozza**), n'ebigambo bino: **mpodzi**, **madzi**, **adzidza**, era n'engeri eyo yonna ng'esangiddwa mu verbo.

WETEGEREZE: Enukuta endala eriko okwawukana ye j.

A) Etteka erya **jj**.

1/. **J bw'esoka mu verbo**, *oba ng'ekomererayo*, wabawo eky'etteka ekitutegeza bw'eneba enjerere *oba ya* miko ebiri.

Tuwandika: **kujula**, **kujoboja**, ne j emu, kubanga bagamba batí: **Njudde**, **njoboze**.

Naye tuwandika **kujjuza**, **kugejja**, **kusengejja**, **kubajja**, **kujjukira**; kubanga bagamba batí: **agedze**, **asengedze**, **abadze**, **nijikidde**, **nijuzidza**.

2/. **Mu mannya**, okutegera enukuta ng'esanidde emiko ebiri, omusango gusalibwa mu kugeranya.

Awo **musajja** bawandika ne j bbiri, kubanga enjogera yakyo y'emu n'ekigambo **kusajja** (ettaka lino lisajja), bona kye baggumiza.

Bw'ogeranya **kikajjo** ne **kisojo**, era otegera ng'ebyo byombi tibisanidde kubera na mpandika emu, kubanga byawukanye ne mu njatula. Kale era geranya na bino: **Kubejjereza** ne **kajereje**.

B/. Etteka erya **ny**.

Waliwo **ny**, ate waliwo ne **nny**. Nga bwe tuwulira era bwe tuwandika **dda**, **ddala**, **kusittala**, era bwe kitusanidde n'okuwandika **ny** ya miko ebiri, nga wabaddewo ensonga.

1/. **Mu mannya**, kw'otegerera ng'enukuta ebadde ya miko ebiri mu bumu, ng'ekigambo kibadde kituka bwe kiti mu bungi: **Nyinyo**, **nyinya**. Kye tuvwa tuwandika mu bumu: **Lunnyo**, **lunnya**. Era bwe tutyo bwe tuwandika **bunnya**, kubanga ekikolo kye kimu. Ate bwe tuwandika **linnya**, **mannya**, era kubanga enjogera yabyo ye emu, ate

mpodzi nga waliwo n'okuwubya abantu nga balowoza nti Ayogera
ku **manyâ**, anti amanyâ amanene.

Naye newakubadde tuwandika **nyina** ne n emu, era mu bungi
twawulamu bwe tuti: **banyina**, **banyoko** (**abazadde**); ne: **bannyina**, **bannyoko**
(**ab'enda emu**).

2/. *Mu verbo kw'onotegerera* nga ny ebadde ya miko ebiri, nga
wafûse watî:

Kutonnya, **yatonnae** (**enkuba**); **kusenna** (**enku**), **yasennye**; **kulinnya**, **alinnye**; **ku**
zannya, **azannya**.

Naye ny teba ya miko ebiri mu bino:

Kutona (**olubugo**), **atonyedza**; **kusensa** (**amannya**), **asenyedza**.

WETEGEREZE: Wakati w'ebigambo tunawandikanga n ebbiri, nga
tulabye nga kisanve, nga tuliranyidza ebigambo byokka na byokka.

OKUGEZA. **Okunyonyogera**, **n'okunyonyola**.

Okuyisa bwe tutyo, tugeza ate n'ebirala. Laba mu luganda
mulimu: **Kukakana** ne **kukkakkana**; mulimu **kutolatola** ne **kuttolattola**.

AMAGEZI AG'OKUWANDIKA EBALUWA

I. — Amagezi ag'ebaluwa zonna (ge g'obuyonjo).

Okuwandika ebaluwa kwe kunyumya ku lupapula.

Awo amateka agisingsi obulungi agaletebwa ng'omuntu abadde anyumiza munne, ge gasanidde ne mu baluwa. Amalala, onogategera ng'olowozedza gw'owandikira; ate amalala, ng'olowoza ensonga ekuwandisa.

Bw olowoza gw'onowandikira, engeri gy'oleta yino :

Bw'aba nga mukulu okukusinga, awo omussamu ekitibwa, ng'omwetowaliza, nga tosagasaga, kubanga ne mu kunyumya naye, era bw'oyisa.

Bw'aba muto munno, awo n'omuwandikira n'ekisa, nga tiwekullun'aza, nga tokekerra, nga tiwepankapanka, nga tofanana ng'ayagala bakulabe bw'oli omugezi. Kubanga anti ne mu kunyumya, engeri eyo tesana: ya kwennyumikiriza bwenyumikiriza. Ate nga wekuma obutassamu binyiza ne bigeya, kubanga ebalo wa teywawo. Lero towandikira oli baluwa gy'otoyagala kusomera mu bibina kyonna.

So eby'okusagasaga n'ebirala ab'omukwano bye bamanyidde, ebyo tolema kubiwandika, kubanga ebalo wa eba ya kuwummua mwoyo gw'oli gw'owandikira.

Oli bw'aba muto, nga gwe omusinga, awo mu baluwa ogatta bibiri: ekisa, n'ekitilwa, ekisa, okumugonzagonza ; ekitibwa, aleme okukugaya.

Amateka agatavwira ddala mu baluwa.

1/. *Ku mpandika.* Ow'ebaluwa awandisa bwino, ate atuse bulungi ebigambo bye ng'agoberera bulungi erama obutakyama, ate ng'anayiriza omukono, ng'alongosa na bulungi ebigambo, era ng'olulimi bwe lwogera, ate ng'atonnyeza na bulungi. Bw'aba ng'awandikira muto munne, n'amala ayonona ekigambo, n'adzawo ekirala, awo si musango; naye gw'awandikira bw'aba omukulu, ebalo wa ennyononofu etyo tewerezebwayo; ta'ema kugidibya n'awandika endela ennungi. Ate olupapula tibalujjuliza ddala ebigambo okubikomya wansi gye lukoma.

2/. *Ku ngeri ey'okutereza ebigambo mu baluwa.*

Ekifo ky'olimu, ky'owandikiddemu, kiwandikibwa waggulu, ku

mukono ogwa ddyo; era ku lunyiriri olwo lwe nyini, kw'owandika omwezi n'olunaku n'omwaka.

Ate ku lunyiriri olwa wansinsi, kw'owandika erinnya ly'oli gw'owandikira, ne libera mu bbanga lyokka. So ebbanga eryo ti-ryenkanankana ku bona. Gw'owandikira bw'abera munno, ate na ddala nga gwe omusinga, awo waggulu olekeyo ennyiriri nga munana oba kkumi, n'olyoka owandika erinnya lye; ate n'obukawo ennyiriri nga ssatu, awo n'olyoka osokera ddala ebaluwa. Naye erinnya elyo ly'owandise lye linnya ly'omuntu, erya kakowole, lye bamuyita nga lôgera naye, nga Sebo, munnange; ky'ovwa toyongerako kirala, oba ery'o-mulimo gwe, oba ery'obukulu bwe: ebyo bitekebwa ku basa kwokka.

Mu baluwa zonna, obuyonjo buba bwa tteka, awo nno olupapula olwononefu, olufumye, olukunyekunye teruwandikibwako; era towandikira oli ku lupapula lwa kitundu wabula beppo ng'abadde mtnno bunno.

Oli bw'aba omukulu wo, erinnya lye oliwandika wakati wa lupapula. Ate okuvwa ku linnya eryo okutusa w'ogenda okusokera ddala ebaluwa, kirungi olekeyo enjawulo esanye, obukewo ennyiriri nga ttano. Era n'ebbunga ly'oleka ku kkono ly'otawandikamu, kirungi okuligaziyako, libe lya bisera bya ngalo bibiri, oba n'okusingawo.

3/. Olupapula nga bwe luba.

Olupapula oluwandikirwako omukulu, sirulema kuba lwa miko ebiri: ate ebaluwa y'omukulu tebulako basa.

4/. *Ofundikira ng'engeri y'ebaluwa bw'eyagala.* Bw'oba owandikira munno, ogamba, nti Weraba, nze munno oba Munno akwagala. Bw'oba ng'owandikira kitawo, ogamba, nti Nze omwana wo akualgalira ddala, oba atakwerabira.... n'ebirala bwe bityo.

Bw'oba ng'owandikira mukulu, ogamba, nti Nze omwana wo, oba nti, nze omuntu wo akussamu ekitibwa.

Erinnya lyo oliwandika bulungi ebaluwa gy'ekoma. Ate okwongera okubulira omukulu ebirala, ng'ebaluwa ekomye, ekyo si kirungi; so mu baluwa eya muto munno, tekiba kya musango. Era n'omukulu tatumbwa kukulabira balala wabula beppo omukyala we, nga omukulu oyo abadde musajja mukulu oba mwami. Naye munno ye omutuma okukulabira abamanyi; ekyo kiba kya kisa.

5/. Ku basa bawandika bati :

Masaka, Buddu.
 Ya A. Pokino
 ov issaza.

Mengo, Buganda.
 Ow ekitibwa enyo
 H. H. Kabaka D. Chwa.

Rubaga, Kampala.
 H. L. Monseigneur Streicher
 Mwepiskopi

Naye si kirungi kuwandika ku basa bigambo nga bino. . . .

Ya munnange gwe njagala enyo. . . .

Ya kitange omwagalwa. . . .

kubanga ebyo bye birowoza ebitabulirwa buli muntu analaba ku basa.

Amateka ge tugambye, ge g'obuyonjo, ga kitibwa, tigalekeka mu baluwa zonna.

Naye waliwo amalala, ago ga magezi ku buli awandika, agafû-kafûka era ng'ensonga eziwandisa bwe zifûkafûka. Ago ge tuba tunnyonnyolako kakano.

II — Amateka g'amagezi.

Ensonga eziwandisa omuntu ebaluwa, nyingi, waliwo; ekisa, n'omukwano, n'okunyumya obunyumya okubulira oli ebifa gy'oli, era n'endala.

1/. *Ekisa n'omukwano* — Ebaluwa ez'engeri eyo, ze baluwa omuntu z'awaändikira abazadde be, emikwano gye, baganda be. Awo newakubadde ng'oli gw'awandikira amussamu ekitibwa, era ku bigambo bye kw'otegerera nga mwesigwa. So waliwo abayitiriza nga balamusia olutata, nga baddingana ekigambo ekimu emirundi mingi. Kale ebigambo nga bino: *Munnange gwe njagala, gwe ndowoza buli budde, otyanno mwana waltu omwagalwa, omwagalirwa ddala enyo, gwe ndowoza emisana n'ekiro*; ebyo biyitiriza, bya matama masa.

2/. *Okukulisa* — Omuntu akulisa munne omwaka, oba olunaku Iwe. Olunaku bwe luba nga lwa mutukirivu w'oli, oba kiyinzika, mu bikolwa by'omutukirivu oyo balondamu akagambo akatukana n'e-by'omu baluwa.

Ebaluwa ez'engeri eyo ziba ntono, n'ebigambo byamu si bingi. Omwana ategenza bakadde be essanyu lye n'ekisa kye, abagaliza ebirungi, era n'abalaganya ekirungi kye banasîma. Omuntu awandikira omuwolereza we-okumwebaza okubera ekisa kye, n'okumutegeza bw'atali wa kukyerabira.

Ez'okukulisa omuntu okubera ekirungi ky'afunye, zimwatulira essanyu lyo, zimutegeza bw'abadde asanidde okutukibwako ekyo, era n'eyagaba nga bw'ali omugezi.

3/. *Okwebaza*. — Mu baluwa ez'okwebaza, omuntu akuza ekirungi ekimukoleddwa, oli asanyuke; amutegeze nga bw'anegasanga n'ekintu ekyo, era ne bw'atagenda kukyerabira wamu n'akimuладдe.

4/. *Okukubagiza*. — Ebaluwa ey'okukubagiza etegeza oli ng'ossidza kimu naye mu nnaku ezimujjiridde, era ng'ensonga ezimukabya zisaneye. So tozirwamu nyo, obutamwongera; awo n'odda mu nsonga ez'edini okugumya omwoyo gwe.

5/. Okwetowaza. — Oba gukusinze, kkiriza nga towampanya, kubanga gunsinze taliwa bingi, ate akwasa n'oli ekisa. Oba tiwagerenderera, ekyo ky'oba oleta. Munno kasita omulaganya okumuddabiriza.

Oba bakuwayiridza, longosa ebiambo nga bw'obimanyi, nga wesiga ekisa ky'oli, ng'omutegeza bw'osaliddwa enyo era nga bw'ofudde ekitibwa mu maso ge. Oba osummattudde ekigambo mu mpoza yo n'omwegayirira akikusonyiwe.

6/. Okusaba. — Ebyetagibwa mu baluwa ey'okusaba bibino :

1/. Okutegeza obulungi kye wetaga.

2/. Okusaba nga wetowaza.

3/. Okwatula n'amagezi ensonga ezikwetaza.

4/. Na ddala ogonza omutima gw'oli aleme okukumma. Lero ng'osinzira ku kisa kye, ne ku bwenkanya bwe, ne ku bulungi bw'omwoyo gwo ogutali gwa kwerabira, ate ng'ekintu ky'osaba kyangu ny.

7/. Okunyumya. — Ku baluwa ey'okunyumya tituletako tteka, wabula bye twagambye engulu.

8/. Okubulirira. — Ebaluwa ey'okubulirira n'ey'okukomako ye nzibu okusinga zonna, esanidde mwegendereza na wa kisa, oli ategere ng'ebigambo ebiwandikiddwa bivudde mu kumwagala. Owa kamwa, bw'aba awubiddwako ng'ayogedde ekiyitiridde, eki-fanana n'okubamu amânyi, akitegera mangu, ng'addirira, ng'a-weweza. Naye ow'ebaluwa, tatera kulaba; era n'ebbanga ery'oku-weweza oli tatera kuliraba: ky'avva alagirwa okukwata empola. Ekyo akisobola nga yetadde mu kifo ky'oli gw'akomako, ng'alo-woza na bw'ati: Mbera nze, nandisimye kukomebwako ntya ?

OBUYUNGULUZI OBW'EMBOZI

I. — Obuyunguluzi obw'ebigambo, n'obuyunguluzi obw'Embozi.

1/. *Embozi kye ki?*

Embozi kye **kirowozo** ekyatuliddwa mu bigambo.

OKUGEZA: Katonda wa kisa.

Ekyo kiyitibwa Mbozi, kubanga kye kirowozo ekyatuliddwa aka-mwa.

2/. *Kale embozi eyo eyungululwa etya?*

Waliwo engeri bbiri, ez'okugiyungulula :

A. — Nyinza okwawulamu buli kagambo kinna kamu ne nketegereza engeri yako, n'okuukyukakyuka kwako, era n'omulimo gwe kakola mu mbozi. Engeri eyo gye twamala edda okunnyonnyola: y'eyitibwa Obuyunguluzi obw'ebigambo.

B. Ate nyinza okuyungulula ekirowozo kye nyini nga mmenyamu subjecto, verbo, ne attributo, nga sikyassa mwoyo ku biri. Engeri eyo y'eyitibwa Obuyunguluzi obw'embozi obubozi.

3/. *Naye obubozi bwe busangibwa nga bwegasse bungi mu mbozi emu, awo nkola ntya?*

Awo mmenya buli kabozи kinna kamu, okuvwa ku katonnyeze akamu (.) okutuka ku k'okubiri.

II. — Engeri z'embozi.

4/. *Kadzi obubozi obw'omu kirowozo ekimu bwawulwa butya?*

Okubwawulamu, mmenya buli verbo, nga mbûka eziwandikiddwa mu ngeri y'entawererwa (Infinitivo) zokka. Awo verbo nga we zenkana omuwendo, era n'obubozi we bwenkana.

Eky'okubulirira. — Abakoma ku lulimi oluganda okuyiga, abo obuyunguluzi obw'ebigambo bubamala, ate bubagasa na nyo, abo bakome ku obwo. Naye abalala abayiga ennimi endala, abo tibalema kwetegereza buyunguluzi bwa mbozi, nga tibannaba kuyiga amateka ag'embozi.

5/. *Obubozi bwonna bugatta engeri emu?*

Nedda, obubozi buyinza okwawulwamu engeri bbiri: Embozi etetwalibwa ndala, lero eringa ey'obusa, eyo gye bayita **Enkulu**; n'embozi entwalibwa, era gye bayita **Entwalibwa**.

Leta embozi enkulu tulabe bw'eri:
 Ekifananyi ky'embozi enkulu kikino:
 Katonda alina ekisa. Awo waliwo emu yokka.
 Twakera nkya, ne tusitula, ne tugenda egindi. Awo waliwo ssatu.

6. Leta embozi entwalibwa.

Zizino: Pokino, eyali omugabe, yalagira bagende mu kyalo, bagambe omusigire awereze ente nya, bajje, bazitte.

Wano waliwo verbo musanvu, era n'embozi musanvu; so mu zo, mulimu enkulu etwala zinnazo, ye éno: **Pokino yalagira.**

Buli mbozi ebako endala z'etwala, y'eyitibwa **enkulu**. Naye olusi oyinza okusanga wakati w'obutonnyeze obubiri embozi ebbiri ennambirira eziriko n'endala ze zitwala. Awo buli mbozi mu bba-nga lyayo, eyitibwa nkulu, era ng'erina amatwale gayo.

OKUGEZA: Katonda agirira abamwagala ekisa kingi; n'abamujemedde nabo tababôla nga baboneredde.

Wano tulabyewo embozi enkulu bbiri, buli mbozi ng'eriko endala z'etwala. N'enkulu ezo bwe zigattibwa awamu ne naka-yunga (conjunction) « ne »; era siwaba musango, anti « ne » nga si kabonero ka kutwalibwa, wabula nga ka kugatta bugassi.

III. — Embozi enkulu n'embozi complemento

(Proposito completiva).

Lero tukome ku ngeri emu, ye y'okusoka, anti nga yo yokka y'erimu obuzibu. Obuterabira bw'efanana, ka tugiddemu: Ye Mbozi Enkulu eyongeddwako endala z'etwala.

7. Kadzi mu Grammatika, ekigambo ekyongeddwa ku kigambô ekirala okutusa amakulu gakyo twakiyita ki?

Twakiyita **Complemento** ey'ekigambo ekyo.

8/. Lero mu Grammatika twamenyamu complemento mmeka?

Obutayogera ku complemento ya adjectivo akali akagambo akerere, mu Grammatika twamenyamu **complemento ez'erinnya bbiri, n eza verbo ssatu:** zonna ze tlano.

9/. Yogera complemento zombi ez'erinnya.

A. — Ey'oluberyeberye ye complemento **enkomezi**; ye ekomera amakulu. Eba ya muwendo, kuba bw'evwawo, n'amakulu gafa.

OKUGEZA: Embugo eze Ssango zigula omuwendo munene.

WETEGEREZE: Ze Ssango ye complemento **enkomezi** eye **mbugo.**

Ye complemento, kubanga etusa amakulu; ate eba nkomezi, kubanga kye bagamba tikitukirira ku mbugo zonna, wazira ku ze **Ssango** zokka.

B. — Ey'okubiri ye complemento **ennyinnyonnyozi**, lye linnya obunnya erikubibwa ku linnalyo. Ekikubiddwa ekoy kirina omulimo gwa adjectivo ey'obutya ennyonnyola obunnyonyozi.

OKUGEZA : Kawumpuli, endwadde enkakali **eyo, yavva Buvuma**.

WETEGEREZE : Endwadde enkakali **eyo**, kye kikubiddwa, anti ye complemento eya **Kawumpuli**. So tekomera makulu; bw'eggyibwawo, siwaba musango. Awo ye complemento **ennyinnyonnyozi** ey'erinnya.

10/. *Leta mu kigezo complemento eza verbo.*

A. — **Ey'oluberyeberyeye** ye ya wakati, emberryeberrye wamu.

OKUGEZA : Katonda tayagala kufa kwa mwononyi, wabula okubonerera **kwe**.

B. — **Ey'okubiri** mu buyunguluzi obw'embozi ye emu ne **complemento ennyinnyonnyozi**. Zombi zinatūmibwa erinnya limu. *Okugeza*:

Obunyonyi bukāba ku mmambya.

WEKKANYE ebigezo :

1. **Erinnya**. Embugo ze **Ssango** zigula omuwendo munene; ye complemento **enkomezi**.

Kawumpuli, endwadde enkakali **eyo, yavva Buvuma**; ye complemento **ennyinnyonnyozi**.

2. **Verbo** : Katonda tayagala kufa kwa mwononyi; ye complemento eya **wakati**.

Obunyonyi bukāba mu mmambya; ye complemento **ennyinnyonnyozi**.

Kakano kyusa oti;

Embugo, ezivwa Essango zigula omuwendo munene.

Kawumpuli, edwadde eyinze obukakali, yavva Buvuma.

Katonda tayagala mwononyi afe....

Obunyonyi bukāba, nga mmambya asala.

Wetegereze: Mu kigezo eky'okubiri, kye tukoze kikino: buli awabaddde *complemento*, tudzidzawo *embozi nnamba*; era tulaba ng'e-mbozi eyo tefuddefudde makulu, wabula okugatusa kyenkanankana.

Kale nno, amannya ge tubadde tutūmye ebigambo obugambo okubera omulimo gwe bibadde bikola, lero tunagatūma mbozi nnamba, eziridde ebifo byabyo.

Kwe kwawula mu buyunguluzi bw'embozi entwalibwa:

1. *Embozi complemento enkomezi ey'erinnya (oba ya pronomen).*

2. *Embozi complemento ennyinnyonnyozi e'yerinnya (,,).*

3. *Embozi complemento emberyeberyeye eya verbo.*

4. *Embozi complemento ennyinnyonnyozi eya verbo.*

N. B. — Mu lulatini bagamba bati:

Propositio completiva, determinativa, oba explicativa.

Propositio completiva, directa; oba circumstantialis.

11. *Amaso gategerera ku ki embozi entwalibwa, (propositio completiva)?*

Amaso kwe gategerera embozi entwalibwa, ng'esokerwako pronomen entabi (pronomen relativum) oba nakayunga ey'obutwalibwa (conjunctio subordinationis), oba locutio conjunctiva.

OKUGEZA: a/ Embozi complemento ez'erinnya zombi, bazitegerera ku pronomen entabi, kubanga omulimo gwayo kwe kutaba embozi gy'eyanjula ku linnya ly'eyongeddwako.

Embugo ezivwa e Ssango,.... Endwadde eyinze obukakali....

b/. Embozi complemento eya wakati etekebwamu ngeri eyo eya verbo gye bayita entwalibwa (subjunctiva): ku ekyo kwe bategerera nga ntwalibwa.

So olusi batekawo ne conjunctio :

OKUGEZA Tayagala bafe. Tolaba nga ndi wano...?

c/. — Embozi complemento ennyinnyonnyozi nayo bagitegere-ra ku conjunctio; era olusi engeri entwalibwa eya verbo ye emala okugitegeza.

12. *Kale menya engeri z'embozi complemento ennyinnyonnyozi (propositio circumstantialis).*

1. Waliwo **ey'okugenderera** (Intentionalis).

Nga wano: Kwata ebiragiyo, olyoke ogende mu ggulu (olyoke).

2. Waliwo **ey'ensonga ekoza** (causativa) Tolema kujja, kubanga bakwagala. Olyoke, oleme bye bitegeza okugenderera.

3. Waliwo **ey'obudde** (Temporalis); ye conjunctio esinga okuletebwa mu mbozi, nga wano:

Onojja nga nkuyise.

Ebisinga okutegeza embozi eyo bibiyo: bwe, nga, ng'amaze, kye njije, nga tannaba....

4. Waliwo **ensibibwa** (conditionalis), nga wano:

Singa namanya sandigenze.

Ebisinga okutegeza embozi eyo bibino: Singa, obanga, oba....

5. Waliwo **ey'okukkiriza**, newakubadde nga waliwo ekilobera (concessiva), nga wano:

Ne bw'ononzita, era sijja kuganya ekyo. Ne bw'omanya ebingi, era tomanya byonna.

Embozi eyo kw'esinga okutegererwa ku bino: **Ne, bwe, nandibadde, newakubadde, kasita, kavuna.**

6. Waliwo embozi **ey'obuzalwa** (consequentia, oba propositio

consecutiva), ky'egamba nga kibadde kivwa mu nkulu. Nga wano: **Oludde** **nyo** **okumuwa** **eddagala**, **ky'avwa** **tajja** **kussuka**; **oba**, **bwe** **butassuka**.

Embozi eyo esinga kutegererwa ku bigambo bino: **Ky'avwa**, **ky'avudde**....

7. Waliwo embozi **ey'okugeranya**, (comparativa) era etegeza engeri nga wano:

Kitawe **nga** **bw'ali**, **n'omwana** **bw'ali**.

Ebigambo ebigateza bibino: **Nga**, **nga** **bwe**,...

8. Waliwo embozi etegeza **engeri** **oba** **obutya** (modalis, **oba** **adjectiva**), **nga** **wano**: **Genda** **ng'oddukana**.

WEKKANYE:

I. — Embozi enkulu tesirisibwa, kubanga ye nanyini makulu.

II. — Embozi entwalibwa eyinza okusirisibwa.

III. — Verbo ng'ebadde mu ntawererwa (infinitivo), okuginyonnyola mu mbozi bamala kugidza mu ngeri eyanjuluzibwa.

OKUGEZA: **Kigwanira** **abantu** **okwagalana**.

Omukristu **okuterebuka**, **ekyo** **tikitegerekaka**.

Kyusa oti: **Omukristu** **bw'aterebuka**....

IV. — Olusi mu mbozi basangamu ebigambo eby'engeri eno: **Oli** **ayisa** **amawanga** **n'alamula** **bakabaka**.... **tasirikira** **bônonyi**.

Wano ebigambo ebisoka ye subjectum ey'embozi eddako; naye kubanga subjectum eyo si kagambo kamu, naye ye mbozi ennamba, embozi eyo ky'evwa eyitibwa **Embozi-Subjectum** (Proposito subjectiva).

V. — Embozi enkulu teba na ngeri ya kwogera bwogezi yokka, nate eba n'endala nyingi.

OKUGEZA:

Obudde **buyita** **buyisi**. — **Tottanga**. — **Nandyagadde** **okugenda**. — **Oyagala** **ekyo**, **ka-le** **nzikiriza**. — **Nnakola** **ntyia**? — **Gwe**, **nandidzemu** **ki**?...

EMIRIMO MU GRAMMATIKA

I. — KU NUKUTA

1. -- Lero soma mu kitabo kino Enyanjula (lup. 6); . . . mu buli kigambo ng'oyawulamu emperezi kinn'emu, era ng'otegeza n'ensirifu gy'eyogeza.

Awo ng'ogamba bw'oti: Eno ye mperezi, kubanga eyogez. . . . nga nsirifu.

2. — Kakano ddamu ogw'okubiri, ng'olaba omuwendo ogw'a-amagulu agali mu buli kagambo; awo mu kukutulamu okwo, ng'okoma ku mperezi, ku mperezi.

3. — Omulimo ogwa kamwa. Leta ebigambo kkumi ebirina amagulu abiri, n'ekkumi ebirina amagulu asatu, n'ebitano eby'a-amagulu asatu, n'ebitano eby'ana, n'ebitano eby'atano.

II. — KU BITUNDU BY'EBIGAMBO.

1. — Ebigambo biri biddire. Lero mu bigambo byonna ebitengeza abantu n'ebintu, ng'oyawulamu 1/ ekikolo, 2/ akabonero, 3/ emperezi esoka (ng'ebaddewo).

2. — Mu lupapula olwo, era londamu ebigambo ebitafûka.

Ku mannya.

1. — Soma mu lupapula olusoka Evanjiri amannya ge nyini, lero ng'onnyonyola bw'oti: Lino lye linnya lye nyini, kubanga ligwanidde omu. . . . nga liyawulamu omu yekka, anti oyo gwe bogerako. Era n'amannya ag'engeri nago ogawulemu bw'oti: Lino linnya lya ngeri, kubanga baliyita buli. . . .

2. — Yogera mu kamwa amannya ge nyini kkumi, ekkumi lya ga bantu, n'ekkumi erya g'ebyal, ate n'ekkumi ery'ag'emigga.

3. — Yogera mu kamwa amannya ag'engeri: atano ga bantu ebiri mu nju, atano ga bisolo, ate atano ga bantu ba milimo mu Buganda, (nga mukomazi. . .).

Ku Miwendo.

1. — Soma mu lupapula amannya ag'engeri ng'oyawulamu

agali mu bumu. n'agali mu bungi, era ng'onnyonnyola bw'oti :
Lino liri mu bumu, kubanga . . . ; lino mu bungi, kubanga . . .

2. — Kakano amannya ganno gafûle : agabadde mu bumu,
gadze mu bungi; agabadde mu bungi gadze mu bumu.

3. — Buli linnya ery'engeri lyogere olubu lwalyo.

4. — Yogera olubu lwa mannya gano : mmuli, mmengo,
nyana, nyanga, nyimba, mmondo, ddiba, ddobozi, ddungu, mmere,
nnimu.

Gonna gawulemu ekikolo, era onnyonnyole nga bwe gawerera.
Enukuta ey'akabonero n'ey'ekikola zafûka zitya ?

Ku Complemento ey'erinnya.

Omulimo gwa Grammatika n'ogw'amagezi.

Soma ku lupapula 5 ennyiriri kkumi ezsokako. Yawulamu ama-
nnya ag'engeribuli linnya ng'olinonyeza complemento ng'ogitekako.

OKUGEZA : Ekitabo (ky'Ebisayo . . .)

Ku Adjectivo.

1. — Mu lupapula lumu londako adjectivo ez'obutya zokka,
ng'onnyonnyola bw'oti : ekigambo kino ye adjectivo, kubanga eyo-
ngeddwa ku . . . okutegeza empisa (embi oba ennungi), engeri
oba erangi.

2. — Ate ku buli adjectivo nga webûzako eky'okubiri, lwe
lubu lwayo, era n'ensonga egitesedza mu lubu olwo, era bw'oti :
eri mu lubu . . . kubanga erinnya ly'eyongeddwako liri mu lubu
lwa . . .

Ku madâla ag'amakulu.

1. — Ebisolo bino : njovu ne nvubu, mbwa ne kapa, nte ne
mbuzi, mbarasi ne nyumbu, ngo ne kibe.

Kale bigeranye kinna bibirye, ng'obitekako adjectivo ebisanidde
(nnene, nnungi, nkambwe, oba ndalu . . .)

Awo n'olaba adjectivo n'ogiteka mu butya obugeranye ne mu butya
obwenkana. Ate n'otola buli linnya kinna limu, n'olyongerako
adjectivo erisanidde, naye awo ng'ogiteka mu butya obusinze n'obu-
tasingika.

2. — Mu bigambo bino, buli adjectivo gitekeko complemento
gy'oyagala.

Omusajja omuwanvu . . . Ekyalo ekirungi . . . Omwana omugezi . . .

omukristu omunyikivu . . . omulimo omuzibu . . . omuntu omuzira . . . omuntu omubi . . . embuзи endalu . . .

Awo ng'omaze, n'ontegenza ekikuyisa ebigambo ebyo complemento. (Bw'oti. Ekyo ye complemento ya adjectivo . . . kubanga . . .

Ku adjectivo enkomezi

1. — *Ey'omuwendo.*

1. — Adjectivo zizino ziwandike mu luganda, ng'ozongedde ku bigambo bino: kintu, lugoye, ssanga, nkoko, lunaku, kabonero. 1, 2, 3, 4, 6, 9, 11, 15.

Soka oyongere ku bigambo ebyo adjectivo embazi, olyoke oyongerekö n'ey'olubu; embazi ogiteka mu bungi; ey'olubu, mu bumu, bw'oti: Ebantu bibiri, ekintu eky'okubiri.

2. — Embozi zino, zikyuse: ebadde mu bumu, ogiteke mu bungi; ate ebadde mu bungi, ogiteke mu bumu:

Omusiri gwange mutono. Emisiri gyo mirungi. Ekyambalo kye kinyirivu. Enju yo nnungi. Enkufira ye nzirugavu. Abaddu bafe besigwa. Ebigambo bye bizibu. Embuзи zo ngonvu.

2. — *Ku adjectivo ey'obwananyini.*

Amannya agali waggulu (1) kintu . . . gaddiré; kakano gongerekö adjectivo ey'obwananyini, bw'oti:

Ekintu kyange, ekintu kyo, kyase . . . kyamwe . . . kyabwe . . . ate n'obiteka mu bungi, bw'oti: Ebantu byange . . .

Ku adjectivo endazi.

1. — Embozi zino, eziri mu bungi ziteke mu bumu, ate ezi-ri mu bumu, ziteke mu bungi.

Ennyonyi eno ekaba bulungi. Entebe zino mpya. Ekibala ekyo kibisi. Akambe kano katema bubi. Ebibira ebyo bigazi. Abasajja abo bazira. Eppera lino lyengevu. Omuti guli mukalu.

2. — Kakano buli adjectivo endazi giddiré nga bw'ewandiki-ddwa mu kigezo. Ogyawulemu, oba ya kumpi oba ya wala, oba eyogeddwako.

Ku adjectivo etetusa.

Ebigambo biri biddire: kintu, lugoye, ssanga, nkoko, lunaku, kabonero.

Kakati bikwanye ku adjectivo etetusa kinna emu: -nna, -tono, -lala, -kka, -mu bumu, ate mu bungi.

Ku Pronomen personale.

1. — Soma mu Evanjili ennyiriri ttano, olyoke ozûlemu pronomens personale zonna ezirimu, ng'osokera ku pronomens ezibulidde mu verbo, eziyitibwa ez'ekitundu, olyoke odde ku nnamba ezeyawudde.

2. — Kakano ku ziri ezibulidde mu verbo, mbulirako personale ey'omuntu ow'oluberyeberye, n'ey'ow'okubiri, n'ey'ow'okusatu, era n'amannya agasigiddwa pronomens ezo.

3. — Ebigambo bibino: Engo twagisse. Katonda atubulidde. Nandimutegezedza. Ennaku ze tumala mu nsi ze ntono. — Yawulamu pronomens, ombulire n'omulimo gwe zikola mu mbozi, (nanyini nkola oba enfugibwa.)

4. — Ebigambo bibino: Kadzi tolowitzanga nte bw'ekugasa nyo? Ekuvwiramu amata mw'oggya omuzigo. Ente bw'ekula, bagitunda; awo nga bagibâga, nga bagitunda ebifi. Eddiba ly'ente nalyo livwamu bingi: engatto z'otambuza, eggari kw'osula, olukoba lwe wesiba: ebyo byonna bya nte, mu ddiba lyayo mwe biggyibwa. N'amayembe gayo nago tigafa bwerere: bagakolamu engcombe abayidzi ze bafuwa, n'ebiti by'obwambe, n'amapesa, era n'ebirala bingi. N'obusa bw'ente bw' obufuka ku miti oba mu nnimiro, kye bu-gedza emmere kitalo.

5. — Kale mu ebyo londamu pronomens, ng'osoka okulondamu zinanyini nkola, ate ng'omenya n'entwalibwa. Ate ntegeza n'amannya agasingedde pronomens ezo kinn'emu.

Ku pronomens adjektivo.

1. — Adjektivo ez'omuwendo zizino wamu n'amannya gazo ge zongeddwako: Ente ey'okubiri. Ekalamu ey'okuna. Omuntu ow'ekkumi. Omwaka ogw'omusantu. Rupia ey'amakumi abiri. Embuзи ey'omwenda.

Kakano adjektivo ezo zikyuse, ozifûle pronomens.

2. — Adjektivo zino ez'obwananyini, n'ez'omuwendo zifûle pronomens, ate ontegeze bw'okoze.

Ekintu kyange, kalamu yo. Abantu kkumi. Omwaka ogw'omusantu. Rupia ey'amakumi abiri. Embuзи ey'omwenda.

Labira wano: Ekintu kino kyange.

Ku pronomens endazi.

Ebigambo bino, ku buli ekibuziddwa, yanukula ng'okissako pronomens endazi, bw'oti:

Ekintu kyange kiri wa? — Kikino. — Omuntu ali ludda wa? (Tekako pronomen eraga eby'ewala, n'ebi'okumpi, n'ebiyogeddwako).
 Ekisolo kidze wa? (Ebi'okumpi n'ebiyogeddwako).
 Muli luyi wa? (Ebi'okumpi, n'ebiyogeddwako n'ey'ekifo).
 Akatabo okatadde wa? (Eraga ebyogeddwako, n'ebi'ewala, n'ebi'okumpi.)

Ku pronomen entabi.

Soma mu Evanjili ebisoka mu ya Yoanna : Oluberyeberye....

1. — Ng'okyasoma, ndagamu pronomen entabi zonna z'osanga, ng'onnyonnyola oti: Eno ntabi, kubanga etaba ekigambo kino na kiri....

2. — Mu by'osomye yawulamu pronomen entabi ez'engeri zombi: nanyini nkola, n'entwalibwa.

Ku Verbo.

1. — Ebigambo bibino. Ku buli kigambo ntegeza ensonga ekiyisa verbo, bw'oti: ye verbo, kubanga etegeza embera, oba enkola, oba ekakasa ng'obutya busanidde erinnya liri.

Omukulu ayigiriza. Omusawo ajjanjaba omulwadde. Abalabe batwetorodde. Bazikizidza omuliro. Ennyonyi zizimba ebisu. Aliba omutegevu. Katonda akola ebirungi. Kitange yali mwami; muganda wo yali mubbi; ente yafe efudde; omwana yebase; musirike.

2. — Mu bigambo bino, londamu verbo zokka ng'onnyonnyola bw'oti, nti Kino verbo, kubanga nyinza okukitekako pronomen personale.

Musumba, mufu, kuddukana, mulungi, mugezi, kwogera, mweru, kukwata, kuvunda, mulimi.

Ku Subjecto.

1. — Ntegeza subjecto ya verbo zino; era ng'obûza bw'oti, nti Olya. Ani alya? Gwe, gwe (o) ye subjecto.

Omukazi alima. Omwana azannya. Enkoko ekokolima. Omuliro gwokya. Empewo ekunta. Bukeddé. Etonnya. Tufudde. Okufa. Kutusa. Okuwummula si kutuka.

Mu lupapula olw'oluberyeberye olw'Evanjili ya Yoanna, nonyamu verbo zonna, era ne subjecto zazo.

Ku Complemento.

1. — Ndaga complemento emberyeberye eya verbo zino: era ng'onnonyola oti: Omwenge gutamiza ani? Omuntu. Awo mutu ye complemento eya wakati (emberyeberye) eya verbo gutamiza.

Enjuba etangaza byonna. Basomoka omugga. Omukazi alima lumonde; anoga nvwa. Embuzi erya omuddo. Omufundi azimba enju, awala n'embawo. Rupia ze nafuna. Ebintu bye tuguze. Amateka ge balese. Esawa gye mmenye. Omuyidzi envubu gwe yaluma afudde. Emmere gye twalya yali nnungi. Omuti kibuyaga gwe yasindula gwali munene. Omwana gwe nalwaza yawona. Twalambula eklezia. Eklezia gye twalambula. Tusoma esala. Esala ze twasoma. Tiwerabiranga birungi bye bakukolera. Engo gye basse yali eridde embuzi ssatu. Ekibonerezo kye bampa kyali kisanidde.

Emmere gye bâfumbye yabadde teyidde. Ababbi batya embwa. Omwami asolôza omusolo.

2. — Ntegeza ekirobera verbo zino okutekebwako complemento emberyeberye. — Enju eyidde. Olutindo lubotose. Namajjuzi ajjudde. Omulimo tigûtuse. Endogoyi eno etambula nyo. Emiti gyafe gi-kuze, gimulisdza n'okumulisa. Embwa yaboggodde ekiro.

Complemento zino, zitume erinnya erizisanidde, era ng'olinnnyonyola.

Embwa yafa enjala. Embugo bazikoza ensamu. Ennyonyi zizimba ku miti.

Mpandikira kitange. Embuzi bazirundira ku ttale. Mu nsi enyingi, engoye baziyoza madzi mabugumye. Sabuni bamuggyga mu masavu.

3. — Wano yawulamu complemento eya wakati, n'ey'ebbali.

Omwana omwegendereza balimuwa empera. Omukristu obulamu bwe abuwayo okubera edini.

Yezu yagobanga amasitani mu mibiri gy'abantu. Sitola mugate gwa bâna ne ngusulira mbwa. Yassa engalo ze mu matu ge. Banagwa mu kkubo. Eby'enyanja yabiwa omukisa n'alagira okubibagabira.

Engeri za verbo.

1. — Verbo zino: Kutta, kusobola, kuluma, kukuba. Kale buli verbo kinn'emu giggyemu engeri zino: ensulifu, n'enfunye, n'ecompanyise, n'enkomere.

2. — Verbo zizino. Mbulirako verbo enzadde mwe zivudde; mbulira n'erinnya lyazo, era n'ekyaziyisa bwe zityo: Kugobagana, kuwerwa, kuvumira, kutonera, kufisa, kuvwisa, kulekera, kujemu-

lukuka, kujemula, kutamaza, kwetegera, kwemanya, kumanyagana, kumanyisa.

3. — Verbo zino ziwandike mu budde obuwedde mu bw'okumi, n'obw'okumpi enyo, n'obw'ewala :

Nkola, nzimba, mpulira, nfa.

4. — Zino ziwandika mu budde obujja obw'okumpi n'obw'ewala :
Banywa, balya, tumala.

5. — Ntegeza ebigambo bino : Nali ndi awo ng'ompita. Twali tutudde awo, awo ng'atuyitako kumpi. Mbadde nfumba, nga mpulira okulekana. Nabadde nkyamunaza amaso n'afa.

6. — Enjogera eno eyitibwa ki mu mwanjuluzo gwa verbo ?
Ate ekigiyisa etyo kiki ?

Nali mmaze okutuka egindi, awo nga mmulabe angoberera. Mbadde sinnaba kulya, ng'antwala. Wali omaze okukkiriza, ne ndyoka nkitta.

7. — Enjogera eyo ensonga egiyisa Obudde obwali buwedde, nsonga ki ?

Bw'otoyanguwe olisanga nfudde.

Engeri ey'okwogera eyo eyitibwa ki, ate erimu makulu ki ?

8. — Mbulira enjatula ya verbo zino :

Nandyagadde ajje. Singa waliwo tiyakufudde. Bw'olijja jjo, oli-nsangayo.

Mukole bulungi ng'obudde bukyali. Tokoleranga banno ky'oto-yagala kukukolerwa. Nnatuka enkyia; gwe olituka ddi ?

MAKERERE COLLEGE
LIBRARY

AT

NO. 81308

DATE 8.2.64

496.3124-5

GRA

ENDAGIRIRO

EBIKULEMBERA	7,8
ESSOMO I Erinnya, emiwendo, embu, complemento	9
ESSOMO II Adjectivo, adjetivo ey'obutya	12
Complemento eya adjetivo ey'obutya	14
Adjectivo enkomezi	15
ESSOMO III Omusigire, pronomen	18
Pronomen ey'abantu	19
Pronomen adjetivo	22
BUYUNGULUZI 1	16
ESSOMO IV Verbo. — Subjecto. — Attributo. — Complemento	28
Ensibuko verbo mwe zisibuka	31
Omwanjuluzo. — Budde. — Njatula	33
Banjuluza Kubera ne Kukola	37
BUYUNGULUZI 2	39
ESSOMO V Obugambo obutakyuka	42
GRAMMATIKA ENFUNZE	44
Enyongereza. — Okutonnyeza	48
Amateka ag'empandika.	53
Amagezi ag'okuwandika ebaluwa.	62
Obuyungulizi obw'embozi	67
EMIRIMO MU GRAMMATIKA	72
